# *Abaebbulaniya,*
# *Essuula Ey'Omusanvu 2*

Abawe omukisa! Ndowooza, okusooka, tulinawo wano omwana omuto, Doc bw'atyo bw'aŋŋambye eddakiika entono ezaakayita, muganda wange, muganda wange mu mubiri, nti eyeetaaga . . . ow'okuwongebweyo. Kale mu kaseera kano bamaama abo abalina abato baabwe be baagala okuwongayo eri Mukama, kati basobola okujja, ne baleeta abaana baabwe.

239 Kati, ekyo abantu abasinga obungi, bo, bakiyita, kubabatiza. Ab'ekkanisa y'Abamesodisiti bakikola, ndowooza n'Abanazaliini. Sijjukira bulungi. Nedda. Ekyo kirabika kye kyabaviirako okwawukana, Abanazaliini ne ba Free Mesodisiti, kwali kubatiza baana bato. Naye, kati weesanga nti, abamu, babaako ne kye bakola. Naye, kati abamu babayiwako otuzzi. Abamu babamansirako. Ate, naye ffe bulijjo tufuba nnyo nga bwe tusobola okugezaako okukola ebintu nga bwe biri mu Bayibuli nga bwe tumanyi. Kati, mu Bayibuli temuli Kyawandiikibwa kyonna kiragira kumansira mazzi ku mwana, newankubadde Ekyawandiikibwa mu Bayibuli ekiragira okumansira amazzi ku muntu yenna. Tekiri mu Byawandiikibwa. Eyo nkola ya ekereziya Katolika.

240 Naye ba—naye kye baakola, baaleeta . . . Baaleeta abaana abato eri Yesu. Ate—ate ffe tuliwo okumukiikirira. Era twagala tukole ekintu kye kimu kye Yakola. Yabassaako emikono Gye n'a—n'abawa omukisa, n'agamba nti, "Muleke abaana abato bajje Gyendi, so temubaziyiza, kubanga abalinga abo Obwakabaka obw'omu Ggulu bwabwe." Era ekyo kye tugenda mu maaso n'okukola wano eno mu kkuŋŋaaniro, nga bwe tugezaako okukola engeri yennyini eya Bayibuli eyatongozebwa, mu ngeri esingayo okuba ennungi gye tumanyi.

241 Kale mu kaseera kano, maama oyo, oba bamaama abalina abaana ab'okuwongebwayo, nga Mwannyinaffe Gertie bw'akuba oluyimba *Mubayingize Munda,* abaana abo, musobola okubaleeta mu maaso wano ku wolutaali. Nze n'ow'oluganda abato abo tugenda kujja tubawongeyo eri Mukama. Kale.

Ow'oluganda Neville . . . [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.]

242 Weebale, Mwannyinaffe Gertie. Ekyo kirungi nnyo. Bameka abaagala abaana abato? Bw'oba tobaagala oliko ekikyamu, waba waliwo ekikyamu.

243 Kati, akawungeezi kano, kati okusobola okuyingira mu nkuŋŋaana ezisigaddeyo. Tu . . . ensonga lwaki nsobodde

okukomawo akawungeezi kano. Bulijjo bwe tubeera n'enkuŋŋaana ez'okusabira abalwadde, nfunayo olunaku lumu lwokka, kubanga okusabira abalwadde kulina engeri gye kunkamulamu. Temuyinza na kukitegeera. Ate wano awaka wo kyekubisaamu emirundi ebiri okusinga awantu awalala.

244 Kati nnabadde nneetonda olw'ensobi gye nnakoze ku makya. Naye ekyasoose okuntaataaganya, ye Billy okujja n'aŋŋamba nti tafunye bantu bawera baakuwa kaadi za baakusabirwa. Yagabyeeyo kaadi nga kkumi na bbiri oba kkumi na nnya zokka. Ate nga yabadde na. . . Tewaabadde baagala kaadi za baakusabirwa. Ndowooza buli kimu kyabadde kiri kirungi. Kati, mu ekyo, ssaakirowoozezzaako. . . Kati bwe nnatandise okuyita kaadi ezo ez'ab'okusabirwa, nnalowoozezza nti abantu abo ekkumi oba ekkumi n'ababiri, nja kusobola okubayitayo bajje wano bonna. Kati nnabayise. Era nnina ennamba gye nnatuuseeko, oba ekintu bwe kityo, nga tewali ayanukula. Ne nziramu nge ngiyita. Nga tewali ayanukula. Era ssaakirowoozezaako okutuusa Muky. Wood bwe yampise. N'aŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, kaadi ezo Billy asooka n'azitabikatabika, bw'amala n'azigabira abantu. Kati kaadi eyo nnamba ssatu yandiba nga," (yabadde nnamba ssatu si bwe kiri?) "kaadi nnamba ssatu yandiba nga yabadde nayo mu nsawo ye."

245 Kituufu, kaadi zonna ataano atera okuzigaba. Bw'azireeta eri abantu, asooka kuzitabikatabika. Kale buli omu. . . Tekibeera nti oli amusaba nti, "Mpa nnamba emu." Oba, tuyinza n'obutatandikira ku nnamba emu nga tuziyita. Tuyinza okutandikira ku nnamba ataano, tomanya, ne tudda emabega. Tuyinza okutandikira ku nnamba munaana nga tudda mu maaso. Tuyinza okutandikira ku nnamba abiri ne tudda mu maaso. Tuba tetumanyi. Naye azitabikatabika n'aziwa abantu okusinziira ku bungi bwabwe. Kati nze, ekyo bwe nnabadde nkyerabidde ku makya, era nnandyesanze mpitayo endala nga nnya oba ttaano, ate nga teziriimu, kubanga ob'olyawo ezaagabiddwa zaabadde nga eyo mu makumi abiri oba asatu, mukiraba. Kale, kati, naye Mukama yakigonjodde, naye kati tekinteeka ku bunkenke bwa—bwa maanyi, nga bwe kinteekako nga siri wano. Nnyinza obutaddamu—kugezaako kukikola.

246 Naye, gye buvuddeko wano, nnasaba Mukama ne mmugamba nti bw'Anaatuwa olukuŋŋaana olulungi, ne mmusuubiza nti ekyo ssi—ssiriddamu kukimusaba, kubanga kimbeereddenga kikalubo. Ate kikontana n'Ebyawandiikibwa. Mukiraba? Ate bw'oba. . . Ekyo kye kikireetera okuba nti kinkaluubirira. Kubanga, olw'okuba mba nkimanyi nti kikontana, kindeetera o—okulemererwa, nga ssinnaba na kutandika. Mukiraba? Nnemwa, nga ssinnaba na kutandika.

247 Naye kati, waliwo omuntu omu alina gw'akubidde essimu olw'eggulo luno. Waliwo akubidde Muky. Wood essimu. N'amugamba, nti, "Waliwo omuntu mu kkanisa eyayitiddwa

ku makya ga leero, nti waliwo omusajja eyabadde omuyi ennyo, ddala, eyazze eri Kristo olw'eggulo luno, oluvannyuma." Nti o—omusajja oyo eyabadde omuyi ennyo yazze eri Kristo.

248 Ate ekirala, Muky. Wood yaŋŋambye nti nnayogerako ne muganda we, mukulu we, nti ddala nnaliko mu maka ge jjuuzi era ne ndya naye eky'emisana, manya ne ndya naye ekyeggulo, emmanga mu Kentucky. Naye Katonda Ayinza byonna amanyi nga omukazi oyo ssaategeera nti mwannyina. Olaba? Bwe kiri. Naye . . . Okwolesebwa okwo kukola mu ngeri yaakwo. Tetumanya butya bwe kunaabaawo oba kiki ekinaddirira. Katonda y'asalawo, ne biki—ne biki ebibaawo. Naye nnali nkimanyi, bwe nnali mbalindirira, okubalindirira eyo.

249 Ne luli omuwala ono omuto lwe yali wano, eyali agamba nga bw'alina ekirabo eky'okwawula emyoyo, nze, kye nnali ssi . . . Kati mulabeeyo, ekirabo ekyo ssinga Katonda akiwa buli muntu yenna mu nsi, tekyandibadde na kabi konna; naye ssinga kibaawo, kiba kikontana ne kye Yaŋŋamba ebusukka kkubo wano, mukiraba, emyaka mitono egiyise. Kale twayagala tukakase nti ekirabo ekyo ddala kituufu, n'ekkanisa, nga bwe kiri nti baali weebali, nabo bakirabe. Kati nnayita Muky. Snyder. Mwannyinaffe Snyder. Alina w'atudde. Alinamu obuzibu mu kuwulira. Kati bambi omuwala yayogerera wansi, n'amugamba nti, "Olumizibwa ebinywa," manyanga olumizibwa mu nnyingo, oba ekintu bwe kityo.

250 Nga ate, nnali nkimanyi nti yali yamenyeka bbunwe. Era nga, Omwoyo Omutukuvu akibikkudde enkya ya leero. Mukiraba?

251 Kati, kye kiri, kiri nti kirabo eky'Obwakatonda, era kikola mu ngeri yaakyo. Naye ekikireetera okuba ekizibu ennyo okubeera nga kikola mu kibuga wano, eky'amazima, nka—nkaluubirizibwa, buli lwe mbeera nga, nsabira abalwadde wano. Manya—manyanga . . . Ŋŋenda, ne ŋŋamba abantu bwe nti. Ŋŋenda, ne ŋŋamba omuntu nti, "Kati Mukama akuwonyezza. Yesu yakuwonya bwe Yakufiirira, emyaka lukumi mu lwenda egiyise. Mu kaseera eko kennyini bwe yafa wawonyezebwa. Era kati, okusinziira ku Katonda, okusinziira ku Kristo, wawonyezebwa, emyaka lukumi mu lwenda egiyise. Endwadde ekuluma yawona. Ekyetaagisa kyokka kwe kukkiriza kwo okukikola."

252 Kati omuntu oyo asobola okugenda n'atawonyezebwa. Naye weesanga omuntu y'omu oyo agenda, agamba nti, "Ow'oluganda Branham yaŋŋambye mponyezeddwa." Mukiraba? Nze mbeera nkugambye Katonda kye yayogera.

253 Kati, ssinga kyogerwa butereevu eri omuntu, ne kyogerwa nga, "Kiri BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA," ku kintu ekimu ekiba kigenda okubaawo. Ekyo kijja kukukakasa awo wennyini nti okuwonyezebwa kwo kukakasiddwa. Okukkiriza kwo kuba

kukutaddeko envumbo. Okiraba? Ekisuubizo kikyo. Si kigambo kyange. Wabula Kigambo kya Katonda kye kigamba, nti wawonyezebwa dda. Mukiraba? Naye weesanga nti . . . Mu ngeri emu oba endala, ki—kinnemye okunnyikiza, mu bantu b'omu Jeffersoniville wano bakitegeere. Ki—kinnemye okukola. Mmanyi. Kati ngezaako nga bwe nsobola okukinnyonnyola, naye era ki—kikyagaanye okunnyikira. Kikyagaanye. Ŋŋenda ne ŋŋamba . . .

254 Jjuuzi wano, nnina amaka mwe nnagenda, omwali omusajja, eyali obubi ennyo nga afa. Bampita ne baŋŋamba nti, "Jangu, omusabire. Omusawo yagambye tajja kukeesa."

255 Ne ŋŋendayo. Omuvubuka oyo n'aŋŋamba nti, "Mw. Branham, ssaagala kufa." Kati, eky'amazima yali mutuufu obutayagala kufa. Yalina famire ya baana babiri.

256 Kye, nnava ntuula. Ne mmubuuza nti, "Kati, kkozi, dokita wo y'ani?" N'amuŋŋamba. Ne mmugamba nti, "Kati, dokita ayinza okuba yakugambye nti o—ogenda kufa, naye Katonda tannakugambako nti ogenda kufa." Ne mmugamba nti, "Kati, okusinziira ku Bayibuli, wawonyezebwa dda, kubanga Yesu yafa osobole okuwonyezebwa."

257 Kye yava ambuuza nti, "Okkiriza nga nnaawona?"

258 Ne mmugamba nti, "Nkikkiriza awatali kubuusabuusa kwonna."

259 Kubanga, ssinga ŋŋenda okusabira omuntu, ne sikozesa kukkiriza bwe kutyo, kukkiririza ku lulwe; ne ŋŋenda nga ŋŋamba nti, "Ha, nedda, nedda, omusawo bw'aba yagambye nti ogenda kufa, eky'amazima ogenda kufa. Ekyo tekisobola kukyuka." Kati, omuntu bw'atyo teyandibadde muntu mukyamu okujja okusabira omulwadde? Nze ssandyagadde muntu bw'atyo kujja wange, kunsabira. Njagala omuntu nga, ne bw'aba teyakirabye, oba nedda, nga waakiri ajja kuba n'okukkiriza ayimirire ku kisuubizo ku lwange. Weewaawo. Kati kye nnava ŋŋamba nti . . . ya . . .

260 Twagenda mu maaso ne tusaba. Ne mmugamba nti, "Kati beera mugumu."

261 N'ambuuza nti, "Naye ddala okakasa nnaawona?"

262 Ne mmugamba nti, "Mazima, ddala. Ekigambo kya Katonda kigamba ogenda kuba bulungi. Okiraba, 'Bw'oba osobola okukkiriza, ebintu byonna biyinzika.'"

263 N'agamba nti, "Kale, ŋŋenda kukikkiriza." Ne nfuluma ne ŋŋamba mukyala we nti . . .

264 "Omusajja agenda kufa, si bwe kiri?"

265 "Weewaawo, agenda kufa." Kati enkeera, omusajja n'afa, manya ennaku ntono oluvannyuma lw'ekyo.

266 Kati omukazi ono n'agenda n'atandika okunywa omwenge n'okweyisa mu ngeri etasaana. Ne wabaawo omu ku badiikoni, nzikiriza, okuva mu kkanisa eno, n'agenda eri omukazi oyo n'amusaba akomewo mu kkanisa. N'agamba nti, "Ssikyasobola kukkiriza muntu yenna. Omubuulizi Branham yajja wano n'asabira omwami wange, n'agamba agenda kulama, kyokka n'afa nga waakayitawo ennaku nga bbiri oba ssatu. Kati, ssiyinza kukkiriza." We twogerere n'*omukazi* agenda kufa. Kale.

267 Naye, kyonna kye kiri, olaba, kiraga nti abantu tebassaayo mwoyo kuwuliriza by'obeera oyogera. Okiraba? Mazima ddala. Ssinga mbaako omuntu yenna gwe nsabira, ne—ne mmugamba nti agenda kulama. Mba nzikiriza nti agenda kulama. Naye, si nsonga, ekigambo kyange ne bwe kiba BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA yennyini, ggwe n'otakikkiriza, era, obeera ojja kufa. Mazima ddala. *Kiikino* BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, naye era bangi bakifuna era ne bafa. Bangi bagenda mu ggeyeena, nga ate kiri, BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, "Tolina kugendayo." Si bwe kiri? Mazima ddala. Mukiraba? Ki . . . Byonna byesigamizibwa ku kukkiriza kwo.

268 Ow'oluganda Collins, ssimanyi oba waali akawungeezi kano. Naye bwe nnabadde mmuwuliriza ku makya, yakyogeddeko bulungi nnyo. Okiraba? Okiraba? Yayogedde bulungi. Yagambye nti, "Kati, okukkiriza kwe kumu kw'olina wano, kw'olina okuba nakwo ebweru eyo. Kubanga, ekikulu kwe kukkiriza kwo kw'olina ggwe nga omuntu ssekinnoomu, ssi mu ddiini yo, wabula mu Kristo. Oteekwa okuba n'okukkiriza okwo." Ekyo ddala bwe kiri. Mazima ddala.

269 Era okuwonyezebwa okw'Obwakatonda kwesigamiziddwa ku kukkiriza kwo. Naye okusinziira ku Kigambo kya Katonda kiri, BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, nti buli muntu yawonyezebwa Yesu bwe yafa e Kalivaaliyo, "Yafumitibwa olw'okusobya kwaffe, era olw'emiggo Gye *ffe* twawonyezebwa." Si bwe kigamba? *Ffe* twawonyezebwa. Bayibuli egamba nti, "Wawonyezebwa." N'olwekyo tovunaana nze, nze ndi mubuulizi bubuulizi wa Kigambo kye kyokka. Genda ovunaane Katonda omugambe nti Yayogera ekintu ekitali kituufu, ne Katonda anaakubuulira obunafu bwo we buli. Okiraba? N'olwekyo, ekikulu kwe kukkiriza kwo. Yesu yagamba nti, "Bw'oba osobola okukkiriza. Bw'oba osobola okukkiriza."

270 Kati, bw'owulira Omwoyo Omutukuvu nga akakasizza okukkiriza kwo n'akunyweza, n'agamba nti, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, 'Enkya ku ssaawa *bwe ziti,* ojja kufuna ekintu *gundi.* Era ekintu *gundi* kijja kubaawo. Kijja kubeera wano *bwe wati*, era ojja kusanga ekintu *bwe kiti* mu kifo bwe kiti. Ako ke kajja okuba akabonero gy'oli.'" Kati, ekyo kirindirire. Ogwo guba mulimu oguggyiddwaako engalo, wano wennyini.

271 Naye bwe kituuka ku kwogera ku kuwonyezebwa okw'Obwakatonda, okuwonyezebwa okw'Obwakatonda nakwo nnina okukuteeka ku musingi gwe gumu, mu ngeri y'emu, nga obulokozi. Buli omu ku mmwe, k'obeere nga wakola ki, walokolebwa okuva Yesu lwe yafa, kubanga Yafa okuggyawo ebibi by'ensi. Naye tekirikuyamba okutuusa nga ggwe kennyini okikkirizza era ne kikola mu ggwe. Naye ku kikwata ku bibi byo, ebyo byakusonyiyibwa dda. Bwe kiri. Ye . . . "Laba Omwana gw'endiga gwa Katonda aggyawo ebibi by'ensi." Okiraba? Kiikyo. Kati ekyo mukijjukire.

272 Kati, mmanyi nti nga bwe tuyigiriza, mu Byawandiikibwa, tuli kibiina ekirimu abantu ab'enjawulo. Ate emirundi mingi, mu Kitabo kino eky'Abaebbulaniya, Kitabo ekirimu ebintu eby'obuziba . . . Kati ŋŋenda kusooka nkinveeko okumala akaseera. ŋŋenda kugezaako okulaba nti akawungeezi ka leero mmaliriza ekitundu ekisembayo eky'essuula eyo ey'o 7.

273 Kati nkakasa, muteekwa okuba mulina ebibuuzo bingi mu birowoozo byammwe. Bangi ku mmwe mulina ebibuuzo, nange, ne bwe nnandibadde nze nnandibadde nabyo. Kati, omulundi oguddako, Mukama nga ayagadde, bwe najja . . .

274 Kati ŋŋenda Michigan. Bwe nnaava, e Michigan, ŋŋenda e Colorado. Bwe nnaava e Colorado, njolekere ku Lubalama olw'Ebugwanjuba. Kati—kati, bwe tuliba tukomyewo, nga Mukama ayagadde . . . Kati, ssimanyi. Bwe ssibeere mu Chicago, ku Ssande, nnyinza okukomawo ne mbeera wano ku Ssande akawungeezi.

275 Kati omusumba waffe amaze wiiki mukaaga nga talinnya ku kituuti, nga tuyiga ku—ku—ku bintu bino byonna, mu Kitabo kino. Mukiraba? Kati tu . . . Ekyo saagala kukikola. Ow'oluganda Neville waaluganda omwagalwa, omulungi, ate ow'ekisa. Era ekkanisa eno nkakasa mwagala Ow'oluganda Neville.

276 Ye ate, nga bwe nkyayogera ku ekyo, waliwo omuntu, okuva mu kitundu ekimu mu ggwanga lino, alina omusango gw'okuwandiika bu kaadi, obw'okuggya Ow'oluganda Nevile ku kituuti kino. Omusango ogwo ojja kugutereeza nange. Uh-huh. Kituufu. Uh-huh. Mazima, ddala. Kati, njagala . . . Omuntu oyo yagamba nti aba- . . . alina bye yayogera ku kakiiko k'abadiikoni. Akakiiko k'abadiikoni tekalina buyinza bwonna ku musumba oyo n'akatono. Nedda, ssebo. Ekibiina ky'abakkiriza, kye kirina obuyinza bwonna, mu bujjuvu. Ssi . . . Akakiiko k'abadiikoni baliwo nga bapoliisi mu kkanisa eno, kukuuma butebenkevu n'ebirala. Naye bwe kituuka ku biragiro ebigobererwa, ekkanisa yonna erina okubikkaanyaako. Kati ekkanisa eno ezimbiddwa ku musingi ogw'okuba nti yeetongodde ku bwaayo era erina obuyinza bwaayo obwenkomeredde. N'olw'ekyo, ssirina buyinza buggyako musumba ono, oba okuteekawo omulala. Nze nnina bwa nnannyini ku bintu ebiri wano; ebyaweebwa eri ekkanisa.

Mmwe mwenna mmwe kkanisa. Mmwe mulina obuyinza. Mmwe kkanisa, mmwe bennyini. Ate Ekkanisa, Ekkanisa ya Katonda entukuvu obuyinza bwaayo obwenkomeredde, ye Mwoyo Omutukuvu mu Kkanisa eyo. N'olwekyo nze ekintu kyokka kye nkola kwe kubeera n'obwannannyini ku bintu, ne mbikwasa ekkanisa eno, nga bwe byaweebwaayo eri ekkanisa, era tebisoloozebwaako musolo. Era ekkanisa ye yeerondera abasumba baayo. Nze ssikirinaamu mukono yadde. Era engeri yokka omusumba ono gy'ayinza okuvaawo, mpozzi nga ye yeesaliddewo nga ye okugenda, oba nga abantu abasinga obungi mu kkanisa basazeewo ne bagamba nti, "Tukyuse omusumba." Eyo y'engeri yokka. Tewali kakiiko ka badiikoni kasobola kumukyusa. Akakiiko k'abadiikoni kakuuma bukuumi butebenkevu n'ebintu ebirala mu kkanisa.

277 Abayima, nabo tekibakwatako, ogwabwe gwa kuddaabiriza kkanisa. Ate nakyo tebasobola kukikola okutuusa nga a... Akakiiko k'abayima konna nga katudde ne bagamba nti, "Ka tuzimbe *kino*, oba ka tukole *kiri*." Olwo ne babuuza omuwanika oba nga alina sente ez'okukikola. Yee, ssebo.

278 Naye bwe wabaawo okwemulugunya okw'engeri yonna ku mmemba omu, oba bwe wabaawo mmemba yenna alina kye yeemulugunya ku mmemba omulala, oba ekintu kyonna ekikyamu, olina okugenda eri ow'oluganda oyo, ggwe kennyini, n'oyogera naye, ggwe naye mwekka. Bw'agaana okukuwuliriza, olwo ekiddako nga kiryoka kikolebwa, nga ofunayo omu ku badiikoni oba omuntu omulala, nga ogenda naye eri ow'oluganda oyo. N'era bw'agaana okubawuliriza, olwo nga mujja mukitegeeza eri ekkanisa. Kati ekkanisa bwe... N'ekkanisa nayo bw'agaana okugiwuliriza, awo Bayibuli egamba nti, "Leka abeere nga munnaggwanga era omuwooza." Bwe kiri.

279 Naye kati bwe wabaawo omuntu yenna nga olina gw'omanyi alina ekikyamu kye yakola oba ky'akola, n'otagenda eri muntu oyo kwogera naye, awo ye ggwe kitundu ky'ekkanisa ya Katonda ekiryanukulira ekibi ekyo. Bwe kiri.

280 Ate bwe wabaawo abantu abalina o—okwemulugunya kwonna ku mudiikoni, oba ku mudiikoni oba omuntu omulala yenna mu kkanisa, balina okuba abantu basatu. Abantu basatu balina okujja ne boogera, ne bakiwaako obujulizi, mu kamwa k'abajulirwa ababiri oba abasatu. Ne bajja ne bagamba omusumba nti waliwo okwemulugunya kwe balina ku mudiikoni. Kale bwe wabaawo okwemulugunya ku mudiikoni, nga omudiikoni oyo ssi—musajja mwesimbu, ssi—musajja atuukiridde. Woofiisi eyo ey'obudiikoni ateekwa okugibeeramu, nga taliiko kya kunenyezebwa kyonna, era n'asangibwa nga taliiko kya kunenyezebwa. Naye kati ekibiina ekyo ssinga bakizuula nti omudiikoni oyo woofiisi eyo tagissizzaamu kitiibwa, omuntu oyo aba akizudde afunayo

abantu basatu ensonga eyo ne bagitwala ew'omusumba. Omudiikoni oyo n'asabibwa okusigala eka akawungeezi ako. Kati omusumba okuva . . . n'ajja n'akuŋŋaanya wamu ekibiina kyonna, n'abanjulira okwemulugunya okwo. Ekibiina bwe kisalawo nti omudiikoni oyo agende mu maaso nga aweereza, nga agenda mu maaso nga aweereza. Ekibiina bwe- . . . kisalawo omudiikoni oyo awummuzibwe, nga balonda omudiikoni omupya akawungeezi ako kennyini. Mukiraba?

281 N'olwekyo, kino tewali muntu yenna alina buyinza bwa nkomeredde kukikola ku bubwe nga ye. Kirina kusalibwaawo ludda lw'abasinga obungi mu kibiina. Yee, ssebo. Ssinga abiri bamusemba asigale nga aweereza, naye abiri mu omu ne bagamba awummule, aba alina okuwummula; oba, ssinga abiri basalawo awummule, naye ate abiri mu omu ne bagamba asigale nga aweereza era asigala aweereza. Mukiraba? Obwo, bwe buyinza obw'enkomeredde ekkanisa ey'omu kitundu bw'erina nga yo ate, n'ekirala, buli mmemba avunaanyizibwa ku bigenda mu maaso mu kkanisa eyo. Ssinga wabaawo ekintu kyonna, ekitatambula bulungi, basobola okukuŋŋaana awamu, naye ekintu kyokka kye balina okukola kwe kubeera mu maaso ga Katonda ne bakakasa nti tewali kintu kyonna kiziyiza kkanisa eyo kugenda mu maaso.

282 Naye obuyinza bw'ekkanisa obujjuvu era obw'enkomeredde ye musumba. Kisome mu Bayibuli, olabe oba nga si y'enkola ennuŋŋamu Bayibuli gy'eyogerako. Ddala bwe kiri. Tewali muntu yenna ali waggulu wa mukadde wa kkanisa. Ssirina kakwate na kintu kyonna Ow'oluganda Neville ky'akola wano. Ekyo kiri eri mmwe n'Ow'oluganda Neville. Ow'oluganda Neville bw'ayagala okubuulira enjigiriza y'Abajulirwa ba Yakuwa, ekyo kiri wakati wammwe naye. Mukiraba? Bw'ayagala okubuulira ekintu kyonna ky'ayagala okubuulira, ekyo kiri wakati wammwe naye. Ky'ekyo. Ekibiina bwe kimusemba, okubuulira by'ayagala okubuulira, tewali buzibu. Kiri gy'ali.

283 Nze ekintu kyokka kye nkola, kwe kubeera n'obwannannyini ku bintu bino. Mpozzi ssinga wabaawo ensonga endala, katugambe nga ey'okuggyako omusumba, nga baagala okukikubako akalulu, ekyo temuyinza kugamba badiikoni kukikola. Mulina kukigamba nze. Ne nzija ne mbagamba, nti, "Omusumba bwe muba mwagala awummuzzibwe, mumbuulire ensonga lwaki. Alina kye yakoze kyonna?"

284 "Yee. Twamukutte, atamidde." Oba, "Twamukutte akola *kino,* oba nga akola ekintu ekitali kituufu."

285 "Mulina abajulirwa abawera abasatu abakakasa ensonga eyo?"

286 "Weewaawo. Tubalina."

287 Abajulirwa abo balina okusooka okugezesebwa. "Tokkirizanga kiroope ku mukadde awatali bajulirwa babiri

oba basatu, era basookenga kugezesebwa; bwe kiba kikwata ku mukadde." Kati awo obeera olina okulayira okukakasa, nti wakirabye; era n'okikakasiza ddala, nti wakirabye.

288 Era, bw'obeera nga wakirabye, kati awo ekibi ekyo kinenyezebwa mu lujjudde, nti, "Kikyamu." Olwo ne mbabuuza nti, "Ekibiina, mwandyagadde okukyusa omusumba wammwe?"

289 Ekibiina bwe kisalawo ne kigamba nti, "Tumusonyiwe, era agende mu maaso nga aweereza," bwe kityo bwe kirina okuba. Mukiraba? Ekyo, si kya bwenkanya? Eyo si y'engeri entuufu ey'okuddukanyaamu ekkanisa? Bayibuli bw'etyo bw'egamba. Tetulina ba bisopu na balabirizi, na bukiiko na biringa ebyo, abakyusa ne bateekawo *ono* era nga balina obuyinza bungi nnyo. Wano tewali muntu yenna alina buyinza okuggyako Omwoyo Omutukuvu. Bwe kiri. Ye y'akyusa. Era tukitwala okuba nti Ye kwe kusalawo kw'abasinga obungi, kwe babeera basazeewo.

290 Kati oludda olumu bwe luba nga *kino* kye lwagala okukola, nga ate oludda olulala lwagala kukola *kiri,* oludda olumu ne luwangula, oludda oluwanguddwa, lukola ki? Lwegatta bwegassi ku bali, ne bagamba nti, "Kitegeeza, tubadde bakyamu. Tugenda kugenda mu maaso n'ekyammwe, kubanga Omwoyo Omutukuvu y'asazeewo bw'atyo." Mukiraba? Ekyo kituufu ddala.

291 Okufaananako n'ebibiina by'obufuzi ekya ba Democrats n'ekya ba Republicans, kasita tuba nga tutambulira ku nfuga eya demokulaasiya, nga Abamerika. Ab'ekibiina kya ba Democrats bwe baba be bawangudde, aba Republican balina okubeegattako ne batambulira wamu; ate aba Republican bwe baba be bawangudde, aba Democrats babeegattako ne batambulira wamu. Mukiraba? Ekyo kyennyini kye kitufuula eggwanga. Ekyo buli lwe tukimenya, tuba tumenya demokulaasiya waffe. Bwe kiri. Ba Democrats bwe bagamba nti, "Tetulina kye tugenda kukola; kubanga aba Republican be bawangudde." Nga tugwa. Nze ndi nzaalwa ya Kentuky era eŋŋombo yaffe egamba: bwe tuba bumu tuwangula, bwe tweyawulamu tugwa.

292 Kati, bwe wabaawo ekikyamu kyonna mu kkanisa kye mumanyaako, ku muntu yenna oba omuntu omulala yenna oba ekintu kyonna, muvunaanyizibwa ku kintu ekyo era mulikyanukulira mu maaso ga Katonda singa temukitereeza; mmwe ekkanisa. Kati, mujjukire nti, tekiri ku bibegabega byange. Kiri ku byammwe. Era bwe wabaawo ekikyamu kyonna mu kkanisa, Katonda mmwe b'alikivunaana. Bwe kiri. Eyo y'engeri gy'Addukanyamu ekkanisa Ye. Bwe kityo bwe kiri mu Bayibuli. Bwe kityo bwe kirambikiddwa mu Bayibuli. Obwo bwe buyinza obw'enkomeredde ekkanisa ey'omu kitundu bw'erina. Omusumba ye mutwe. Bwe kiri. Amiina.

293 Kati, ka tudde ku Bubaka buno obw'edda, obw'omukisa. Mmwe, kati ekyo njagala mukitegeere. Mujjukire nti, bino bikwatibwa ku ntambi, Obubaka buno. Era entambi ezikwata ku kkanisa, enkola ez'enjawulo awamu n'ebiragiro ekkanisa by'egoberera, byonna byakwatibwa ku ntambi. Era biri nga Bayibuli bw'erambika. Ssi ffe tugiddukanya; terina muntu yenna agifuga. Nedda. Ffenna, twenkana. Naye, tulina omukulembeze, nga ye musumba, kasita aba nga akulemberwa Omwoyo Omutukuvu. Kituufu. Kale.

294 Kati, mu kino, mugenda kubaamu ebibuuzo bingi ebigenda okubuuzibwa. N'olwekyo omulundi ogunaddako lwe banaalangirira, Ow'oluganda Neville bw'anaalanga ku leediyo nti ndi wa kubeera wano, muwandiike ebibuuzo byammwe, nze nammwe tusobole okubikubaganyaako ebirowoozo. Munaakikola? Kale.

295 Mmanyi njigirizza ku bunyiikivu bw'abatukuvu. Njigirizza ku Yesu bw'ali Katonda ddala yennyini. Njigirizza ku bukuumi bw'omukkiriza, n'okwawulirwawo, n'okuteekateekerwa, n'ebirala bingi ku bintu ebyo. Nga ate, nkimanyi, nti mu kibiina kyange mulimu bangi abagoberera amateeka, ekintu ekitali kibi n'akatono. Mazima ddala. Naye, kati, ebintu ebyo, nange, ngoberera amateeka, ate era ndi Mukaluviini. Nzikiriza Bayibuli. Kye kyokka.

296 Kati, ebimu, ku bibuuzo ebyo. Njigirizza ne ku bukakafu obw'enjawulo, ne ku bintu eby'enjawulo ebitubaako mu mibiri gyaffe, n'ebintu ebirala bingi, bye muyinza okuba nga temwakkiriziganya nabyo. Kale kati olumu ku nnaku zino, oba oli awo, leka tukikole ku . . .

Oli mu bwangu nnyo okukomawo okubuulira? [Ow'oluganda Neville addamu nti, "Nedda."—Omuk.]

Ka tukikole ku Lwokusatu akawungeezi, Olwokusatu luno olujja, ndo—ndowooza nja—nja kusobola okubikwatako. Leeta ekibuuzo kyo ku Lwokusatu akawungeezi, okiteeke wano ku kituuti, ekibuuzo ekikwata ku Bayibuli, kale, ebikwata ku ebyo bye mbadde njigirizaako. Era ku Lwokusatu akawungeezi. Kubanga Ssande enaddako, awo, ndowooza nni—nnina okuba mu Chicago, mu buli ngeri. Bwe naavaayo ŋŋende e Michigan. Mukama nga ayagadde, nja kubeera wano ku Lwokusatu akawungeezi, okugezaako okwanukula ebibuuzo mu ngeri esingayo obulungi nga bwe nsobola. Era kati Mukama atusaasire.

Kati leka tukoteke emitwe gyaffe, okumala akaseera.

297 Kaakano, ayi Mukama ow'omukisa, bano bantu Bo ab'omuwendo. Eno kkanisa Yo. Ye Ggwe, atambula, Mukama, era twagala tutambule nga Omwoyo wa Katonda bw'atukozesa. Era tukusaba Otuwe omukisa kaakano. Era nga bwe tuyiga ku Bubaka buno, nga tuyingira mu bintu bino eby'ebuziba,

tusaba Omwoyo Omutukuvu abitubikkulire nga bwe twetaaga. Kubanga tukisabye mu Linnya Lye. Amiina.

298 Kati, ha, nze. . . Ekitabo kino eky'Abaebbulaniya, nkitwala okuba ekimu ku Bitabo ebikulu ennyo.

299 Mu biseera bitono ebijja mu maaso awo, nandiba nga—nga. . . nnyinza okugenda emitala w'amayanja, singa, Katonda anaaba akkirizza, nja kuba ŋŋenda mu bbanga eritali lya wala. Nnina okugenda mu Afirika okusinziira ku kwolesebwa. Ndabika okuba nga ssirifuna buwanguzi bwa maanyi mu nkuŋŋaana zange okutuusa nga ŋŋenze mu Afirika ne ntukiriza okwolesebwa okwo. Kati, ekyo, ndowooza ekyo kijja kubaawo mu biseera ebyo ebijja mu maaso ebya toggo.

300 Naye wakati awo nga ekiseera ekyo tekinnatuuka, njagala mbeeko ekitabo ekirala kimu kye nkwatako okuva mu Kitabo kya Abaebbulaniya, nga eyo, y'essuula ey'e 11 ey'Abaebbulaniya, ntwale nga wiiki nnamba nga njigiriza ku ssuula eyo ey'e 11, njogere ku buli emu ku nneeyisa ezo manyanga ku buli omu ku bantu abo, nnambulule enneeyisa zaabwe buli omu. Mukiraba? "Olw'okukkiriza, Nuuwa," njogere ku bulamu bwa Nuuwa. "Olw'okukkiriza, Ibulayimu," njogere ku bulamu bwa Ibulayimu. "Olw'okukkiriza, Abeeri," njogere ku bulamu bwa Abeeri. Mukiraba? ŋŋende nga mboogerako omu ku omu. Ekyo mwandikyagadde? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Ha, ekyo kijja kuba, Bayibuli yonna tujja kugiyitamu. Kati ekyo tujja kugezaako okukikola, oba oli awo, tugeze, mu, wiiki emu oba okumala ennaku kkumi nga tubeera n'enkuŋŋaana, enkuŋŋaana ez'omuddiriŋŋanwa, nga ziringa ez'okudda obuggya, nga awo mu biseera by'eggandaalo lya Ssekukkulu, oba mu kiseera nga ekyo, nga ayagadde Mukama.

301 Kati, mu ssuula ey'o 7 ey'Ekitabo ky'Abebbulaniya, twasangamu Omuntu ono omukulu. Ani ayinza okumbuulira Erinnya Lye? [Ekibiina kiddamu nti, "Merukizeddeeki."—Omuk.] Merukizeddeeki. Kati, Merukizeddeeki ono Yali ani? Yali kabona wa Katonda Oyo ali Waggulu ennyo. Yali Kabaka wa Ssaalemi, ekitegeeza nti yali Kabaka wa Yerusaalemi. Teyalina kitaawe, era Teyalina nnyina. Teyalina kiseera lwe Yazaalibwa, era Talina kiseera lw'Alifa. Kati, twakiraba nti ekyo kitegeeza Taggwaawo.

302 Twakiraba nti ekigambo *emirembe n'emirembe* kitegeeza "ekiseera ekigere." Mukyakijjukira? Emirembe n'emirembe, kiba kiseera ekigere. Era *emirembe n'emirembe* kyogerwako emirundi mingi, mu Bayibuli nga "e—ekiseera ekigere."

303 Naye, Obutaggwaawo, kati era twakiraba, nti waliwo Obulamu Obutaggwaawo bwa ngeri emu yokkka. Si bwe kiri? Katonda yekka, y'alina Obulamu obwo Obutaggwaawo. Si bwe kiri? Obulamu Obutaggwaawo bwa ngeri emu yokka. Tewali kigambo nga "Ekibonerezo ekitaggwaawo."

Kubanga, bw'oba wa kubonerezebwa okuyita mu Butaggwaawo, oteekwa okuba nga olina Obulamu Obutaggwaawo okusobola okubonerezebwa okuyita mu Butaggwaawo. Olina okuba n'Obu-. . . Ate nga bw'oba olina Obulamu Obutaggwaawo, tosobola kubonerezebwa, okiraba, bw'oba olina Obutaggwaawo. "Oyo awulira Ebigambo Byange, n'akkiriza Oyo eyantuma, alina Obulamu obw'emirembe n'emirembe." Si bwe kiri? Obulamu Obutaggwaawo, kubanga okkiriza. N'olwekyo, bw'oba olina Obulamu Obutaggwaawo, tosobola kubonerezebwa, kubanga olina Obulamu *Obutaggwaawo*. Kati, n'olw'ekyo, bw'oba ow'okubonaabonera mu ggeyeena emirembe n'emirembe egitaggwaawo, oteekwa okuba nga olina Obulamu Obutaggwaawo.

304 Naye, kati, nzikiriza nti Bayibuli eyigiriza nti waliyo ggeyena yennyini ey'obuliwo eyaka n'omuliro. Ekyo Bayibuli ekiyigiriza, era nti ebibi n'obubi biribonerezebwa, emirembe n'emirembe. Kati, ekyo tekitegeeza Butaggwaawo. Ekyo oba oly'awo kiribaawo okumala emyaka obuwumbi kkumi. Kiyinza okumala emyaka obuwumbi kikumi, naye lumu kirina okukoma. Kubanga, buli kintu ekyalina entandikwa, kirina enkomerero. Ebyo byokka ebitaalina ntandikwa, bye bitalina nkomerero.

305 Kati essomo eryo mulijjukira? Bwe twaddayo ne tukizuula nti buli kintu ekyalina entandikwa kyakyamizibwa, mukiraba, byakyamizibwa okuva ku biri ebyasooka bi nnakabala. Era, ku nkomerero ya byonna, byonna bikomekkereza bizzeeyo mu Butaggwaawo. Era ggeyeena yonna, n'okubonaabona okwa buli ngeri, n'okujjukira ebiri nga ebyo, byonna biriggwaawo mu Butaggwaawo. Buli ekirina entandikwa, kiba n'enkomerero.

306 Kati Merukizeddeeki ono teyali Yesu, kubanga Yali Katonda. Era ekyawula Yesu ku Katonda, kiri nti, Yesu ye yali Yeekaalu Katonda mwe yatuula. Mukiraba? Kati, Merukizeddeeki. Yesu yalina kitaawe ne nnyina. Naye Omusajja ono teyalina kitaawe newankubadde nnyina. Yesu yalina entandikwa y'obulamu n'enkomerero y'obulamu. Naye Omusajja ono ye teyalina kitaawe, teyalina nnyina, teyalina lwe yatandika kubaawo wadde enkomerero y'obulamu. Naye, Yali Muntu y'omu. Yali, Merukizeddeeki ne Yesu yali Muntu y'omu; naye Yesu gwe gwali omubiri ogw'oku nsi, ogwazaalibwa era ogwakolebwa mu kifaananyi eky'ekibi. Omubiri gwa Katonda yennyini, Omwana we yennyini, eyazaalibwa era n'akolebwa mu kifaananyi eky'ekibi, okusobola okukuulamu empiso y'okufa, n'okusasula omutango, n'okwefunira abaana ab'obulenzi n'ab'obuwala gy'Ali. Mukitegeera? Eyo y'ensonga lwaki Yalina—Yalina entandikwa, era Yalina enkomerero.

307 Naye omubiri guno ogutuukiridde, mu kujjukira, nga—nga omusingo ogw'okuzuukira kwaffe, Katonda yali tasobola kuleka mubiri ogwo omutukuvu kuvunda, kubanga Ye yagutonda Ye

yennyini. Na bwe kityo yaguggyayo, n'aguzuukiza, n'agutuuza ku mukono Gwe ogwa ddyo.

308 Era, olwa leero, Omwoyo Omutukuvu eyazuukiza omubiri ogwo ali wano mu Kkanisa. Erinnya lya Mukama lyebazibwe! Nga ayolesa ebyamagero bye bimu n'amaanyi. Era lumu Omwoyo Omutukuvu ono, ali mu Kkanisa, alyogerera waggulu era alyesitula, n'agenda n'ayingira mu mubiri guno ogutudde ku mukono ogwa ddyo ogw'Ekitiibwa kya Katonda, okwegayirira ku lwaffe aboonoonyi. Era olw'Ekyo tulina obukuumi obutuukiridde obutukuuma eri ekibi. Ssi lwa kuba tetwonoona; wabula tukuumibwa obutayonoona, mu Kubeerawo kwa Katonda. Kubanga, waliwo ssaddaaka ebunye Omusaayi eyimiridde wakati wange ne Katonda, wakati wo ne Katonda. Ye nsonga lwaki Yagamba nti, "Omuntu azaalibwa Katonda, tayonoona, tasobola kwonoona." Kubanga, bw'oba wazaalibwa omulundi ogw'okubiri, Omwoyo Omutukuvu y'omu eyali mu Mubiri guli abeera mu ggwe. Ate Tasobola kwonoona; ssaddaaka eri mu maaso Ge. Kati ssinga oyonoona kagenderere, kyeraga lwatu nti tekisoboka kuba nti oli mu Mubiri ogwo. Amiina. Eyo y'Enjiri. Yeeyo.

309 N'olwekyo, mukiraba nti, Ekyo tekirina Byawandiikibwa byonna bye kikontana nabyo. Kikwataganira ddala n'Ebyawandiikibwa. Mukiraba? "Tekiyinzika eri abo abaamala okwakirwa." Awo we wajja okuva ebibuuzo ebinaambuuzibwa. Kubanga, mubireete, ekyo kye twagala.

310 Kati mwetegereze. "Tekiyinzika eri abo abaamala okwakirwa, ne bagwa okubivaamu tekiyinzika bo okwezza obuggya olw'okwenenya, kuba babeera bakomeredde Omwana wa Katonda omulundi ogw'okubiri bo bennyini, ne bamu . . . ne bamukwasa ensonyi mu lwatu." Tebasobola kukikola.

311 Bw'ova awo n'ogenda mu Abaebbulaniya 10, we Kigamba nti, "Kubanga bwe twonoona kagenderere, nga tumaze okufuna okutegeera Amazima." Kati ekibi kye kiki? Bwe butakkiriza.

312 Singa mu bugenderevu olaba Omwoyo Omutukuvu nga akola ebintu bye Yakoze wano ku makya, ne weerabirako ggwe kennyini nti Kristo yazuukira okuva mu bafu, era Ali mu Kkanisa Ye era mu bantu Be, naye n'omusambajja kagenderere, obeera tolisobola kujja eri Kattonda, kubanga obeera ovvodde Omwoyo Omutukuvu.

313 Yesu yayogera ebintu bye bimu, bwe Yali akola ebyamagero ebyo.

314 Baagamba nti, "Waa, Oyo Beeruzebuli. Oyo mulaguzi. Oyo ssetaani."

315 Yesu n'akyuka, n'abagamba nti, "Ekyo Nja kukibasonyiwa. Naye Omwoyo Omutukuvu bw'alijja n'akola ebyamagero ebyo, oyo yenna alimuvvoola talisonyiyibwa mu mirembe egya kaakano newankubadde mu mirembe egigenda okujja."

Kubanga Omwoyo wa Katonda eyamulimu obeera omuyise "omwoyo ogutali mulongoofu."

316 N'olwekyo, bwe twonoona kagenderere, bwe twonoona, ne tugaana okukkiriza mu bugenderevu. Ssi nga tumaze okusembeza Amazima, nga tuzaaliddwa omulundi ogw'okubiri; awo tuba tetusobola kwonoona. Omwonoonyi tayinza kukola kibi ekita-. . . Omukristaayo tayinza kukola kibi ekitasonyiyibwa. Tayinza kukikola. Atatya Katonda y'akikola. Eyeefaanaanyiriza okuba omukkiriza y'akikola, so ssi mukkiriza.

317 Ba labbi abo Abayudaaya, ha, baali balowooza bamanyi nnyo, era baalina zi ddiguli eza D.D. n'eza Ph.D. Baali balowooza nti be benkomeredde, mu buli kimu, naye be baali aboonoonyi abasingayo. Weewaawo, bayinza. . . Obulamu bwabwe wali toyinza ku—kubusongako lunwe. Baali balongoofu, nga balina empisa ennungi, era nga batuukiridde, mu ngeri eyo. Naye baali batakkiriza.

318 Ggwe kwata ekigambo ekibi onoonyereze amakulu gaakyo. Ekigambo *ekibi* kitegeeza "butakkiriza." Waliwo ebiwayi bibiri byokka, nga ebyo, ye mukkiriza oba atali mukkiriza. Ye, mutukuvu oba mwonoonyi. Bye byokka. Bw'obeera atali mukkiriza, kitegeeza oli mwonoonyi; k'obeere mulungi okwenkana wa, k'obeere nga ogenda mu kkanisa okwenkana wa, k'obeere nga oli na mubuulizi. Osigala toli mukkiriza.

319 Abafalisaayo bali baali babuulizi, naye baali batakkiriza, era we twogerera bali mu ggeyeena olw'obutakkiriza. Baali bannaddiini nnyo, era nga beegendereza, naye tebaamukkiriza. Baamuyita "ssetaani," ne bawakanya Ekigambo Kye. Abamu baatuuka n'okumugamba nti, "Kale oba ddala ye ggwe, weewanule ove ku musalaba. Baako ekyamagero ky'okola. Tukulabe nga okikola." Omu n'amukuba ku mutwe, n'omuggo, n'amugamba nti, "Lagula otubuulire ani akukubye, nnabbi ggwe, naffe tunaakukkiriza." Mukiraba, batakkiriza! Beefaanaanyiriza okuba abakkiriza, naye baali batakkiriza, abatakyusibwanga, abaayawulibwa, newankubadde baali batukuvu era nga beegendereza.

320 Naye, ekyo kye kintu kye kimu ekiriwo ne leero. Abasajja n'abakazi basobola okugenda ku kkanisa, nga banyiikivu, era—era nga beegendereza nnyo bwe kisoboka, nga tebalimba, tebabba, ne bagezaako nga bwe basobola okutambulira mu ebyo eddiini yaabwe by'eyigiriza. Naye, okuggyako nga bakkiriza, baabula. N'olwekyo mu Bayibuli temuli yadde akatonnyeze akamu bwe kati akawagira abagoberera amateeka. Enjigiriza y'Ekikaluviini kwe. . . Ekisa ky'ekyo Katonda kye yakukolera, ate ebikolwa by'okola ky'ekyo ky'okolera Katonda. Byawukanira ddala.

321 Bw'olekera awo okulimba, n'olekera awo okunywa ssigala, n'olekera awo okubba, n'olekayo okwenda, byonna n'obivaako, n'okola buli kimu, n'okwata amateeka, n'ogenda mu kkanisa, n'obatizibwa buli Ssande, n'osembera, n'onaaza ebigere by'abatukuvu, n'okola buli kimu, n'owonya abalwadde, n'okola n'ebintu ebirala bino byonna, okuggyako nga ozaaliddwa Omwoyo wa Katonda, nga walondebwa, obeera wabula. "Si ky'oyo ayagala newankubadde oyo adduka, wabula Katonda y'asaasira."

322 Esawu yagezaako nnyo nga bw'asobola okuba Omukristaayo, naye n'alemwa. Bayibuli egamba nti yakaaba nnyo, nga anoonya akakisa okwenenya, naye n'atakafuna. Ne bwe baali tebannazaalibwa, Katonda yali yamusalira dda omusango, kubanga Yakimanya nti yali mukuluppya omuvundu mu mutima gwe. Katonda yakimanya olw'okumanyirawo kwe okw'ebintu nga tebinnabaawo. N'agamba nti, "Yakobo Mmwagadde, naye Esawu Mmukyaye." Ate nga Esawu ye yali alabikanga omuntu mulamu. Ye yasigalanga awaka, nga alabirira kitaawe nnamukadde omuzibe w'amaaso, ye yalundanga ente, n'ebirala, yali muvubuka mulungi.

323 Ate ye Yakobo yali tava mu kukibiro kya nnyina, nga ali awo muvubuka engajaba abeera mu kunyumya emboozi buli kaseera. Ky'ekyo kye yali. Mulina okukikkiriza. Bayibuli ekikkiriza, ekijjayo. Yabeeranga mu kwetala bwetazi, nga bw'akola buli kimu. Ne—ne, nnyina, nga tava wali nnyina. Naye, yadde, Yakobo, yalina obunafu bwe, n'enneeyisa ze ez'ekikazi, obusika obwo yasigala akyabussaamu ekitiibwa. Ekyo kye kikulu.

324 Esawu mu mpisa ennungi yali akubisaamu Yakobo. Leero ku babiri ssinga tubadde ba kulondako omu, okubeera mmemba w'ekkanisa yaffe, abandironze Esawu, mwandibadde lukumi omu yekka y'atandimulonze, singa mubadde temumanyi. Naye Katonda yalonda Yakobo.

325 Omutukuvu Pawulo wandimukoze otya, bwe yandyagadde okufuuka omuweereza? Akasajja, Akayudaaya ak'ennyindo eyeewetamu nga eddobo, akalina omumwa ogwakyama, akagenda keecwacwana, nga keekaalisa nga bwe kagenda okuyuzaayuza Ekkanisa, ba buli kimu. Wandirowoozeza nti yakola ekibi ekitasonyiyibwa, naye Katonda yagamba nti, "Oyo muweereza Wange."

326 Katonda y'akwata abantu n'abakyusa ne bafuuka ba njawulo, abantu si be batwala Katonda ne bakyuka ne bafuuka ba njawulo. Katonda y'akwata omuntu n'amukyusa n'afuuka wa njawulo. Ky'okola si kye kikulu, oba ky'oyagala, oba ky'olowooza. Wabula Katonda ky'akola. Kiikyo. Era bwe kityo bwe kiri.

327 Kaakati, Merukizeddeeki ono omukulu, ebimwogerwako wano nga bya maanyi nnyo! Twagala tuddemu tubisome,

tusobole oku . . . luli twabisomye tubiyitamu lukwakwaayo. Tugenda kubaako ekitundu ky'Ekyawandiikibwa wano eno kwe tutandikira, era tugenda kutandikira ku lunyiriri olw'e 15.

> *N'ebyo . . . byeyongera nnyo okutegeerekeka:* nti . . . wayimuka *kabona ow'okubiri* nga *ekifaananyi kya Merukizeddeki bwe kiri.*

328 Kati, Merukizeddeeki yali Kabona. Si kye Yali? Kiikino kye Yali. Twakiraba nti Katonda, ku luberyeberye, Yali nsulo ennene ey'Omwoyo. Si bwe kiri? Teyalina gye yazaalibwa. Teyalina gye yafiira. Teyalina lwe yatandika kubaawo. Teyalina lw'alikoma kubaawo. Yali Taggwaawo nga Obutaggwaawo bwe Butaggwaawo. Teyazaalibwa. Teyafa.

329 Era mu ekyo, twakiraba nti, Yalina Emyoyo musanvu egy'enjawulo. Si bwe kiri? Bayibuli egamba, mu Kubikkulirwa, nti, "Emyoyo omusanvu egiri mu maaso g'Entebe ya Katonda." Si bwe kiri? Omwoyo, ogw'emirundi, omusanvu. Twakiraba nti, waliwo langi musanvu. Waliwo n'emirembe musanvu egy'ekkanisa. Ha, bwe bityo bwe bitambula. Musanvu kitegeeza kutuukirira, era Katonda yali atuukiridde. Era Emyoyo musanvu, era Emyoyo egyo gyali gituukiridde. Langi esooka yali mmyufu; ekitegeeza okwagala okutuukiridde, obununuzi. Nnyabula, singa tubadde n'obudde obumala, okumenya langi ezo zonna ne tulaga nga buli emu ku langi ezo bw'eyoleka obulongoofu bwa Katonda. Amiina. Langi ezo, waliwo langi musanvu ez'obutonde. Langi ezo zooleka bulongoofu bwa Katonda. Era . . . Langi ezo zooleka ebiruubirirwa bya Katonda, n'endowooza ya Katonda. Langi ezo omusanvu, zaali zooleka emirembe omusanvu egy'ekkanisa, emmunyeenye omusanvu, bamalayika omusanvu. Okuyita mu Byawandiikibwa byonna, abaweereza omusanvu, ababaka omusanvu, obubaka obw'emirundi omusanvu, byonna musanvu musanvu. Ennaku musanvu. Ennaku mukaaga, olw'omusanvu ye ssabbiiti; ekituukiridde, okumaliriza. O, nga kirungi nnyo, singa tubadde n'obudde obumala okukigenda mu buziba ne tulambulula amakulu, ga, langi ezo!

330 Okugeza langi emyufu. Ka twogere ku langi esooka, nga ye langi emmyufu. Langi emmyufu etegeeza ki? Langi emmyufu ke kamu ku bubonero obulaga akabi. Langi emmyufu kabonero ka bununuzi. Kati bw'otunuulira langi emmyufu okuyita mu langi emmyufu, olaba langi ki? Njeru. Bwe kiri. N'olwekyo Omusaayi omumyufu bwe gwayiika, okubikka ku kibi ekimyufu, Katonda, bw'atunuulira ekibi ekimyufu, okuyita mu Musaayi omumyufu, kifuuka kyeru. Omukkiriza tasobola kwonoona. Mazima ddala tasobola. Ensigo ya Katonda, emikisa gya Katonda, gimusigalako. Katonda tasobola kulaba kintu kirala kyonna okuggyako Omusaayi gw'Omwana We. Ka kibeere kiki kyonna ekiri mu Kkanisa Ye, kyonna kye kiri, Katonda takiraba, kubanga Yesu abeera yeegayirira ku lwayo, bulijjo, Kabona

Omukulu. Tewali ngeri gy'ayinza kwonoona, nga Ssaddaaka eyenkanidde awo egalamidde awo ku lulwe, bw'etyo. Mazima ddala tekisoboka.

331 Naye kati bw'ogamba nti, "Kitegeeza, ekyo kimpa akaagaanya . . . " Ekyo kiba kiraga toteredde.

332 Ekyo ojja kukisiima. Ojja kukyagala, bw'oba oli Mukristaayo yennyini, okutuusa nti ekibi kijja kukulumiriza okutuusa lw'onaabeera nga tosobola kukikola. "Kubanga Ensigo ya Katonda ebeerera mu ye, era tayinza kwonoona." Bayibuli egamba nti, "Kasita anaazibwa ddala n'Omusaayi gwa Yesu, aba takyalina kuyaayaana kwonna kwa kwonoona." Okuyaayaana okwo bw'oba okyakulina, kitegeeza omutima gwo teguteredde na Katonda.

333 Kati, ojja kukola ensobi, naye tojja kugikola kagenderere. Okiraba? Obeera—obeera ogudde bugwi mu mutego, nga waliwo ekikuteze obutezi, oba obeeko ne ky'okola mu butali bugenderevu, kiba tekinnafuuka kibi, era ojja kukyenenya olunaakitegeera oti nti oli mu nsobi. Ojja kukyuka mangu ogambe nti, "Ssigenderedde kukikola . . . ssikirabye." Ekyo ojja kukyogera, obulamu bwo bwonna. Omuntu tayagala kubeera, y'ensonga lwaki tuli basiru nnyo era tuli mu kizikiza ekikutte ennyo, wano ku nsi, okutuusa nti waliwo omutango ogw'Omusaayi ku lwaffe, ekiseera kyonna, okutukuuma nga tubikkiddwaako. Kubanga, oluba okugwa tuti mu nsobi . . .

334 Kati, eyo y'endowooza yammwe ey'okukwata amateeka. "Bannange, nkubuulire? Omukazi oyo abadde yatukuzibwa. Naye, bambi Katonda amusaasire, olw'ensobi eyo gy'akoze. Kuba kati mmanyi agudde." Ekyo kikyamu. Aba tagudde. Aba akoze nsobi. Bw'aba akikoze kagenderere, kitegeeza n'okusooka kwa byonna, yali tannateereera.

335 Naye bw'aba teyakikola kagenderere, n'ajja mu maaso g'Ekkanisa ya Katonda entukuvu n'akyatula, n'abagamba nti, "Nnakola ensobi, mbasaba munsonyiwe," kikukakatako okumusonyiwa. Bw'otamusonyiwa mu mutima gwo, naawe obeera osaanye okugenda ku wolutaali. Kituufu. Obwo bwe butukuvu obwa nnamaddala mu kkanisa. Obwo bwe butukuvu bwennyini, obutukuvu obutali bubwo, wabula obwa Kristo.

336 Ssirina butukuvu bwange ku bwange bwe nnyinza kuleeta gy'Ali. Naye nneesiga butuukirivu Bwe, o, ekisa Kye, era nkirina mu mutima gwange. Ssaabusaanira, tewali kye nnali nnyinza kukola kubusaanira, naye olw'ekisa Yampita n'annyaniriza nzije. Era nnamutunuulira, n'anzigyamu okuyaayaana okwo. Nkola ensobi nkumi na nkumi mu buli mwezi, mu buli mwaka. Mazima ddala, nzikola. Naye bwe ndaba nga nsobezza, ŋŋamba nti, "Ayi Katonda, ssaagenderedde kukikola, Omanyi omutima gwange. Ssaagenderedde kukikola. Nnagudde bugwi mu mutego gwakyo. Ssaagenderedde kukikola. Nsonyiwa, Mukama."

337 Ssinga nsobya eri muganda wange, mmugamba nti, "Nsonyiwa, ow'oluganda. Ssaagenderedde kukikola. Mazima ddala, Katonda amanyi omutima gwange."

338 O, kiikyo. Yiiyo ssaddaaka ey'Omusaayi. Gaago amaanyi g'Enjiri, Ekkanisa eyo entukuvu nga egenda mu maaso. Ssi lwakuba olina kye wakola; wabula kintu ky'otalinaako kakwate konna. Ogwo gwe Mutango.

339 Kati, Merukizeddeeki ono, bwe yajja.

340 Njagala mbeeko ekintu ekirala kye mbagamba. Wali okutte e—ekirawuli eky'ensonda essatu? Funa ekirawuli nga kirina ensonda ssatu, okiteeke omusana we gusobola okukyakako, kijja kukola langi musanvu ezituukiridde. Ekirawuli eky'ensonda essatu kijja kukola musoke. Ekyo ddala bwe kiri. Kati, ssinga tubadde n'obudde obumala, ekyo twandikigenze mu buziba. Biri bisatu ebireeta okutuukirira: Kitaffe, Omwana, Omwoyo Mutukuvu; okuggyibwako omusango, okutukuzibwa, okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu. Kiikyo. Okutuukirira kuleetebwa ebintu bisatu. Katonda, waggulu w'omuntu; Katonda, mu Muntu ayitibwa Yesu; Katonda, mu Kkanisa. Nga walyoka wabaawo, okutuukirira.

341 Omuntu yasigala akyayonoona, kasita Katonda yasigala nga ali waggulu *wano* mu Mpagi ey'Omuliro. Katonda . . . Manyanga, omuntu yayonoonanga, mu maaso ga Katonda, ebbanga lyonna Katonda bwe yali mu Mpagi y'Omuliro, kubanga yali akyali kitonde ekitali kirongoofu, nga omusaayi gw'ensolo gwe guli mu maaso Ge.

342 Awo Omwana gw'endiga gwa Katonda ne gujja, omutendera gwa Katonda ogw'okubiri; Katonda y'omu, mu woofiisi endala. Era Katonda ono mu . . . eyali mu Kristo, yali Katonda y'omu eyali mu Mpagi y'Omuliro. Okuva awo Katonda y'omu oyo n'ayambala omubiri n'abeerako gye tuli. Naye omuntu n'amunyoomoola, naye ne mu kiseera ekyo omuntu kyali kikyamuvunaanibwa. Omusaayi gwali tegunnayiibwa. Bwe kiri. Yesu yabagamba nti, "Nja kubasonyiwa."

343 Naye okuva awo Oyo yennyini eyayambala omubiri, yaddamu n'afuuka Empagi y'Omuliro nate. "Nnava eri Katonda. ŋŋenda eri Katonda." Wano tulaba Pawulo nga amusisinkana, bwe yali agenda e Damasiko, Empagi y'Omuliro eyo y'emu. Tulaba ne Peetero nga amusisinkana mu kkomera, Empagi y'Omuliro y'emu eyo. Mazima ddala. Era tumulaba leero, mu makkati gaffe, Empagi y'Omuliro y'emu.

344 Naye kati okutuukirira kutuuse mu kifo, nga Omuntu oyo owa wakati . . . Kati, wano bwe waba waliwo Omuyudaaya yenna, oba omuntu yenna ategeera obulungi Endagaano Enkadde. Kikakase, ka nkibalage. Wano wendi ssirinaawo Ndagaano Nkadde, mu kaseera kano. Eno—eno Ndagaano Empya. Naye mu kiweebwaayo eky'omugaati ogw'okulaga

ogwabeeranga ku sowaani ey'omugaati ogutazimbulukusiddwa, mu kuwaayo kwa ssaddaaka y'Ekiyudaaya bwe baabanga balongoosa ensiisira; buuza Omuyudaaya yenna; ku migaati egyo esatu, omugaati ogwa wakati gwamenyebwangamu. Oyo yali Kristo. Omugaati ogwa wakati gwamenyebwangamu; Kristo, owa wakati. Nga kiraga nti waalina okubaawo okubetentebwa, awantu awamu, olw'okununulibwa. Era ekitundu ekyo kyatwalibwanga okuba obununuzi, ku mugaati ogutazimbulukusiddwa.

345 Era Wuuno wano. N'akawungeezi kano, bwe tuba tusembera, tumenya omugaati ogwo ogutazimbulukusiddwa, kubanga gwe mubiri gwa Kristo. Era Yamenyebwa e Kalivaaliyo, okusobola okubeera Omutabaganya olw'ebibi byaffe, kibeere nti okuyita mu butuukirivu Bwe tusobole okufuuka obutuukirivu Bwe. Kubanga, Yafuuka ekibi kyaffe, ffe tusobole okufuuka obutuukirivu Bwe. Ow'oluganda, ekyo kisa kyereere. Mazima ddala. Tewali ngeri, ndala yonna gy'oyinza kukinnyonnyolamu.

346 Kati, Merukizeddeeki ono, Omuntu ono ow'ekitalo gwe baasisinkana mu kkubo, yasasula, Ibulayimu gwe yasasula ekimu eky'ekkumi. Nga ateekwa okuba nga yali Musajja wa kitalo! Kati mwekkaanye, mangu ddala.

> *Atalondebwa, ng'amateeka bwe gali*. . . ebiragiro *eby'omubiri*, . . .

347 Kati mulaba etteeka eryo ery'abagoberera amateeka? Amateeka gaali gagamba nti, "Tottanga. Toyendanga. Tobbanga."

348 Yesu n'agakyusa, n'agamba nti, "Mwawulira ab'edda bwe baagambibwa nti, 'Tottanga,' naye Nange mbagamba nti buli muntu asunguwalira muganda we, awatali nsonga, ng'amaze okutta. Mwawulira ab'edda bwe baagambibwa nti, 'Toyendanga,' naye Nange mbagamba nti, buli muntu atunuulira omukazi okumwegomba, nga amaze okumwendako mu mutima gwe." Kiikyo. Ekyo kisaanye okuyigiriza abakazi bwe balina okwambala, engeri y'okukolamu ekituufu. Bw'oyambala mu ngeri etasaana, ne kireetera abasajja okukutunuulira mu ngeri enkyamu, obeera n'omusango ogw'okwenda, nga akoledde ddala ekikolwa kyennyini. Yesu bw'atyo bwe yagamba.

349 Kati ate mmwe abalina obusungu obw'ettumbiizi, ababeera babuubuuka buli kaseera ne mukaayuukira bannammwe, nga temusobola yadde okwefuga, n'ebintu ebirala bwe bityo. Mwegendereze. Guba gukusinga ssinga oyogera ekigambo eky'ensimattu ku muganda wo, ekitasaana, n'ogenda nga okiraalaasa yenna n'omuyuzaayuza obulere. Okutta omuntu tekikwetaagisa kusooka kumusogga kiso mu mugongo. Osobola okuttattana erinnya lye n'omutta, n'otta ekitiibwa kye. Ssinga oyogera obubi ku musumba wo wano, n'omwogerako ekintu ekibi, kye kimu nga amukubye essasi. Ojja kubeera

omwogeddeko ekintu ekitali kituufu, era ekyo, kijja kutta ekitiibwa kye mu bantu n'ebintu nga ebyo, era nga ggwe gwe gusinga. Yesu bwe yagamba.

350 Kati, muwulirize wano, kiki—kiki Pawulo kye yali agezaako okutuukako wano. Bayibuli eno njaagala nnyo. Ekutereereza ddala. Mulabeeyo, o, mulabeeyo wano. Kati, nga bwe tusoma olw'okuna-. . . "Ki. . . kubanga kyeyoleka lwatu nga Mukama waffe yasibuka mu Yu-. . . " Musooke mulindeeko, ndabika ate ndi ku lunyiriri lulala olutali lwe mbadde ŋŋenda kusoma. Nedda, mbadde nnina kusoma wansi wano ku lunyiriri olw'e 16.

*Atalondebwa, ng'amateeka bwe gali*. . . ebiragiro *eby'omubiri,* . . .

351 Ekyo kwe kutambulira ku mateeka, mukiraba. "O, ow'oluganda, ekyo si—ssirina kukikola. Ssirina kukikola. Nkimanyi, naye ndi. . . " Ekyo si kye kyo. Kwagala kwe kukikola.

352 Ekyo nga twakirambuludde! Bwe nnagambye nti, "Ssinga ŋŋamba. . . bwe nnawadde eky'okulabirako ku mukyala wange nti ssinga ŋŋamba nti, 'Ah, kati, nja—nja—njagala mbeere n'abakyala babiri. Njagala mbeere nga nkyakala *n'ono*, nga *ono* y'akola kino eno. Naye, singa nkikola, mukyala wange ajja kwawukana nage, n'abaana babeere mu. . . Obuweereza bwange bujja kufa.'" Munnanfuusi ggwe omukyafu, omuvundu. Ekyo kituufu. Ekyo okusooka kwa byonna, kiraga omukyala oyo n'okumwagala tomwagala. Ddala bwe kiri.

353 Ssinga obadde omwagala, tekyandibaddeko tteeka lyonna. Mu buli ngeri, wandimwagadde, era wandimunywereddeko. Ekyo ddala kituufu. Nammwe abakazi mujja kukola kye kimu eri abaami bammwe. Bwe kiri.

354 Ebiseera ebimu abakazi bafuuka, manyanga. . .

355 Omusajja agenda n'alaba ka Yezebeeri akeetonyetonye konna konna, nga bwe mu manyi, ne—n'omaliriza, nga okaagadde; ate nga weesanga olina n'omukazi omulungi. N'ova awo ne weeyita Omukristaayo. Oswadde. Weetaagayo doozi endala eya wolutaali. Bwe kiri.

356 N'abamu ku mmwe—n'abamu ku mmwe abakazi ogenda n'olaba omusajja nga asaniridde bulungi otuviiri twonna tugudde kuli, atusiizeemu ekizigo kya Vaseline. . . n'ayasama okwogera. Wenna n'o. . .

357 Waliwo omuwala, wano ebbanga ttono gye buvuddeko. . . Kino si kya kusaaga, kubanga ssigenderera kukyogera nga kya kusaaga. Naye abantu bakimanyi nti kino si kifo kya kusaagiramu. Naye waaliwo omuwala omu wano, yali. . . Waaliwo abalenzi abalungi wano, abavubuka Abakristaayo. Edda ennyo, bwe nnali omusumba wa wano, twabeeranga n'emisomo gy'abavubuka. Era nnayogeranga eri abawala

abaakavubuka ku Ssande olw'eggulo, ku bikwata ku kwegatta n'ebintu ebirala. Ate ku Ssande eddako olw'eggulo, ne njogera eri abalenzi abaakavubuka, nga ngezaako okutereeza ebintu ebyo.

358 Ne wabaawo omuwala omu eyatandika okukyakala n'akavubuka akamu, emmanga wano mu tawuni, akaafuuwanga ssigala nga katambula n'akacupa k'omwenge mu nsawo yaako ey'empale. Nga kavuga emmotoka ekika kya roadster mu ka tawuni wano. Ssimanyi kiki ddala muwala ono kye yalaba mu muvubuka oyo. Teyayingiranga mu kkanisa. Yatuulanga wabweru. Yamuleetanga n'amuyingiza mu kkanisa, ye n'asigala wabweru, mu mmotoka ye, n'amulinda, nga tayingira mu kkanisa. Lumu nnayogerako n'omuwala oyo. Yali abeera mu New Albany. Nnamugamba nti, "Nnina kye njagala okukubuuza, muwala. Ddala omuvubuka oyo kiki eky'amaanyi ky'omulabamu?" Ne mmugamba nti, "Okusooka kwa byonna, akyawa enzikiriza yo gy'o—gy'okkiriza. Anyooma Kristo wo. Talikubeerera mwami mulungi. Ajja kukunakuwaza, obulamu bwo bwonna." Ne mmugamba nti, "Kati, wano waliwo abavubuka Abakristaayo abalungi ddala b'osobola okubeera nabo. Ne maama wo ne taata wo nabo tebakkiriziganya na ndowooza zo za kugenda kukyakala, naye era owalaza empaka n'ogenda, nga olowooza nti, 'nnaakaweza emyaka ekkumi n'omukaaga.'"

359 Yatandika okwewunda, n'okukyakala, ekyavaamu n'atandika okugenda mu mabaala. Kati yagenda mu Butaggwaawo. Naye, mu kiseera ekyo, yali wano. Kati mumanyi ensonga omuwala oyo gye yampa mu kiseera ekyo, lwaki yali ayagala omuvubuka oyo? Yaŋŋamba nti, "Alina obugere obulungi, era awunya bulungi." Osobola okuteebereza ekintu nga ekyo? Nga yeekuba obuwoowo, oyo aba ngajaba, taba musajja.

360 "Labayo," ne mmugamba nti, "mwannyinaze, waakiri ŋŋenda n'omuvubuka Omukristaayo alina agagere agalinga emipiira gya tulakita, nga awunya nga effumbe naye nga Mukristaayo yennyini." Ky'ekyo. Mazima. Weewaawo.

361 Ekyo kya kwekwasa mbu, "Alina obugere obulungi, era awunya bulungi." Omuvubuka omukyakaze eyali tava mu mabaala, yamaliriza ayonoonye obulamu bw'omuwala oyo. Kya buswavu, kiweebuula.

362 Obufumbo bwa kitiibwa, naye olina okubuyingiramu mu kusaba n'okwegendereza. Era okwagala kwennyini okwa nnamaddala kw'olina eri omukazi oyo kujja kubasiba wamu emirembe gyonna. "Kye mulisiba ku nsi, Nange ndikisiba mu Ggulu." Bwe muliba mutambula mu kkubo, ayinza okukaddiwa n'amera envi n'enkanyanya, naye okwagala kuli kwe walina

gy'ali nga akyali mukazi muto, alabika obulungi, olisigala okyakulina.

363 Oyinza okkootakoota, n'okutuka ekiwalaata, n'oyiika enkanyanya mu maaso n'ebirala, naye ajja kusigala akyakwagala nga bwe wali nga ebibegabega byo bikyali bigazi era nga bikyesimbye bulungi nga olina amayengo mu nviiri, bw'aba nga ddala yali Katonda. Kubanga mubeera mulinze ekiseera lwe mulisomoka omugga ne mugenda emitala, lwe muliddayo okuba abavubuka abasajja n'abakazi, okubeera awamu emirembe gyonna. Ekyo kye kisuubizo kya Katonda Ekitaggwaawo. Yagamba Alikikola. Ye, si ekyo kyokka, tugenda kukituukako mu ddakiika ntono, Yalayira nti Alikikola.

364 Muwulirize kino, nga bwe tugenda mu maaso.

*Atalondebwa, ng'amateeka bwe gali*. . . ebiragiro eby'omubiri, . . . *wabula ng'amaanyi* . . . *ag'obulamu obutaliiko kkomo*.

365 Kati tugenda kusoma mu bwangu, tusobole okukimalayo.

*Kubanga ategeezebwa nti, Oli kabona okutuusa emirembe gyonna ng'engeri ya Merukizeddeeki bw'eri.*

Kasita kabona aliba nga yeetaagibwa, Ajja kubeeranga Kabona.

*Kubanga* kikakafu nti ebiragiro *ebyasooka bijjulukuka* . . . *obunafu* n'obutagasa *bwabyo*.

*Kubanga amateeka tegaliiko kye gaatuukiriza,* . . .

366 Tosobola, ne bw'okola ki. Ojja kuva ku kunywa omwenge, ove ku kunywa sigala, oleke okulimba, ogende mu kkanisa ogezeeko okukola *kino* na *kiri,* era ojja kusigala okyali wa mubiri. Ago mateeka buteeka. Amateeka tegaliiko kye gatuukiriza. Naye kiki ekituukiriza? Kristo. Ekitiibwa! Nsobola okulekayo okulimba, ne ndekera awo okubba, ne ndekera awo okwenda, ne ndekera awo okugaaya ttaaba, ne ndeka ebintu bino byonna, naye era nsigala nkyali wa mubiri. Katonda tabikkiriza, kubanga ku bwange ssirina kye nnyinza kuwaayo gy'Ali kuntangirira.

367 Naye oluba okuteeka nti emikono gyange ku mutwe gwa Mukama waffe Yesu ogw'omukisa, ne ŋŋamba nti, "Ayi Mukama, ssirina kalungi konna. Onanzikiriza ne mbeera omuweereza Wo?" Katonda n'asangula ebibi byange, mbeera ntuukiridde mu maaso ga Katonda. Bwe kiri. Lwaki? Mbeera sseesigamye ku bulungi bwange. Mbeera nneesigamye ku Bubwe. Era Yatutuukiriza okuyita mu kubonaabona Kwe n'Omusaayi Gwe.

368 Ndaba nga ke kaseera ak'okumaliriza. Naye njagala nsome essuula eno ngimaleyo mu bwangu ddala, bwe mba nsobodde.

. . . *ekyasooka kijjulukuka obunafu* n'obutagasa *bwakyo*.

*Kubanga amateeka tegaliiko kye gaatuukiriza, naye okuyingizibwa kw'essuubi erisinga obulungi kwakikola;* (Essuubi erisinga obulungi kye ki? Kristo.) *eritusembeza eri Katonda.*

369 Lwaki? Okuyita mu bulungi bwaffe bwonna, n'obulungi bwaffe bwonna, n'obulungi bwaffe bwonna, tusigala tukyali ba mubiri. Naye bwe tuyimirira mu Maaso ga Katonda, ne tukitegeera nti tetwandisobodde kubeerawo, okuggyako okuyita mu bulungi bwa Yesu Kristo bwokka, olwo tusemberera Katonda, okuyita mu bulungi bw'Omwana We. "Mukama, nzija gy'Oli, n'omutima ogutaliimu kusalirwa musango. Mu Linnya ly'Omwana Wo Yesu, nkusaba onsembeze." O, ow'oluganda, kati awo obeera ojja okuyita mu kkubo eddamu.

370 Ssi kugamba nti, "Mukama, Omanyi nga nnava ku kunywa omwenge. Omanyi nga mukyala wange kati mmuyisa bulungi. Omanyi nga nkola *kino*. Nkola na *kiri*." Ggwe ku bubwo tolina ky'oyinza kuwaayo.

371 "Kubanga amateeka agaalimu ebiragiro eby'omubiri tewali kye gaali gayinza kukola, naye okuyingizibwa kw'essuubi eddala kwakikola. Essuubi eryo nga ye Kristo, lye tulina nga essika ery'emmeeme, erinywevu era eritabuusibwabuusibwa." Mwekkaanye.

*Era* bwe *wataabula kulayira kirayiro ya . . .*

Nnakasigirwa ey'obuntu, bwe weetegereza wano eno, kiwandiikiddwa mu nnyukuta eziwunzikiddwa.

*. . . yafuulibwa kabona:*

Si kabona kyokka, wabula Yafuulibwa kabona okuyita mu kirayiro. Ssi . . .

372 Kaakati mwetegereze. Leka tulabe ebisigaddeyo ebikwata ku bwakabona.

*(Kubanga bakabona bali*, Abaleevi, abasajja ab'amazima, abatuukirivu, abeesimbu, *baafulibwa bakabona awatali kirayiro; . . .)*

373 Katonda yagamba kimu nti, "Nga engeri ya—nga engeri ya Alooni, bakabona bano bw'atyo bwe Yabateekawo." Baavanga mu migigi egy'enjawulo egyaliwo. Baagendanga ku ssomero ne batendekebwa okufuuka ababuulizi n'ebirala. Ne bagenda mu maaso bwe batyo. N'olwekyo bw'atyo Katonda bwe yabafuula bakabona. Bo bennyini beefuulanga bakabona, okuyita mu buyigirize bwabwe, okuyita mu omu okusikira omulala, n'ebirala. "Naye ono Omusajja ye yafuulibwa Kabona olw'ekirayiro Katonda kye yalayira." Kaakano muwulirize n'obwegendereza.

*(. . . baafuulibwa bakabona awatali kirayiro; naye ono awamu n'ekirayiro yafuulibwa oyo amwogerako nti, Mukama yalayira era talyejjusa,* amiina, *Oli*

*kabona okutuusa emirembe gyonna nga engeri ya Merikizeddeeki bw'eri:)*

*Era ne Yesu bwe yafuuka bw'atyo omuyima w'endagaano esinga obulungi.*

Kati, ka twanguweko.

*Nabo bangi baafuulibwa bakabona, kubanga okufa kwabalobera okubeereranga:*

Waaliwo enkumi n'enkumi emirundi nkumi na nkumi, eza bakabona, kubanga tebaalina kintu kirala kyonna okuggyako okufa n'okufa n'okunafuwa, n'okufa n'okufa n'okufa.

374 Naye mumwekkaanye Ye.

*Naye omusajja ono,* (Musajja ki?) Yesu, *kubanga ye* bulijjo *abeerera okutuusa emirembe gyonna, alina obwakabona obutavaawo*. Obulimu . . .

*Era ky'ava ayinza okulokolera* ddala; si nsonga bagenze wala kwenkana wa, bebbise kwenkana wa, bali wala kwenkana wa, Asobola okulokolera ddala; *abo abajja eri Katonda ku bubwe,* . . .

Si lwa . . . kusinziira ku butuukirivu bwo; wabula ku kwatula kwo. Okiraba?

. . . abo *abajja* eri *Katonda ku bubwe, kubanga abeera mulamu* okubawolerezanga.

Abeera awo, bulijjo, nga yeegayirira.

Okuva *kabona asinga obukulu afaanana bw'atyo ye yatusaanira, omutukuvu, ataliiko kabi, ataliiko bbala,* eyayawulibwa *eri abo abalina ebibi, era eyagulumizibwa* nga Kabona Asinga obukulu mu Ggulu;

375 Kiikyo. Kati, ssinga ngezaako okwewolereza nga nze, omusango gujja kunsinga. Ssinga ngezaako okuwoza, nga ŋŋamba nti, "Nze, kitange yali musajja mulungi. Kitange yali mubuulizi. Kale, obulamu bwange bwonna mbaddenga mu kkanisa." Omusango n'era gujja kunsinga. Naye Omusajja ono y'Oyo atuukiridde, Kristo. Abeera awo nga awaayo Omusaayi Gwe bulijjo ku lw'ebibi byange. Kiikyo.

Ateetaaga *nga bakabona . . . bali, kuwangayo* ssaddaaka *buli lunaku, okusooka olw'ebibi bye yennyini, oluvannyuma olw'ebyo eby'abantu: kubanga kino yakikola omulundi gumu, bwe yeewaayo yennyini.*

376 Kaakati mwetegereze olunyiriri olusembayo.

*Kubanga amateeka galonda abantu okuba bakabona abasinga obukulu, abalina* obunafu; . . .

377 Ekyo amateeka, amateeka ag'omubiri, kye gakola. Kati, nnyabula wano ssinga mbadde nkyalinayo essaawa nga bbiri.

Amateeka ne leero bwe gatyo bwe gakyafuula abantu ababuulizi mu ngeri y'emu eyo. Bwe kiri.

378 Kubanga, bagamba nti, "Weewaawo, omusajja ono yayitako mu ttendekero ly'eby'eddiini." Nnyabula obumanyirivu bwange obw'ekitalo bwe nnafuna okuva mu Ggulu ssiyinza kubuwaanyisaamu n'ekyo amatendekero g'eby'eddiini gonna ag'omu nsi kye gagaba.

379 "Weewaawo, omusajja ono ffe twamutendeka. Musajja gwe—gwe tweroboza mu bangi. Musajja eyakolerera okufuuka ky'ali." Oyo bw'atyo simwagala. Njagala omusajja nga Katonda y'amufudde ky'ali. Okiraba? Okiraba?

380 Naye amateeka na buli kati gakyafuula abantu bakabona. Amateeka gakyafuula abantu ababuulizi. A—ab'ekkanisa y'Ababaputisiti, bafulumya ababuulizi; abawerera ddala nno, balina ekyuma ekibakakasa nti basaanidde okugenda okubuulira. Abamesodisiti babalina. Ababaputisiti babalina. Abapulesibeteriyani, Abanazaliini, aba Pilgrim Holiness, n'Abapentekoote, babakakasa okugenda okubuulira mu bwangu obw'ekitalo, ne bafulumya ekibinja ekinene, nga beeyambisa ekyuma ekinene. Bayimirira awo nga . . .

381 Lubeerera ŋŋambyenga nti, "Nsa—nsaasira nnyo obukoko obwalulwa ekyuma." Omanyi, akakoko akaalulwa ekyuma, kaba tekaaluddwa bulungi. Nedda. Enkoko y'eteekwa okwalula obukoko. Naye akakoko akaba kaaluddwa ekyuma, oluba okufuluma kati, nga katandikirawo okukaaba "kiyo, kiyo, kiyo," nga tekalina maama gye kayinza kugenda. Mukiraba? Tekamanyi kye kitegeeza kuba na maama. Bwe kiri. Kabeera kakaaba kanoonya maama, naye nga tekamulina.

382 Naye akakoko akaaluddwa enkoko, mu ngeri ey'obutonde, kakaaba nga kayita maama era maama n'akaanukula. Ddala bwe kiri.

383 Era ebiseera ebimu ndowooza ku bafuluma mu matendekero g'eby'eddiini gano abava mu byuma bino ebinene ebyalula ababuulizi mu Louisville ne mu nsi yonna, ne byalula enkumi n'enkumi z'ababuulizi. Ebyuma ebyalula eby'Abapentekoote, n'ebyuma ebyalula eby'Abapulesibiteriyani, ne—n'ebyuma ebyalula eby'Ababaputisiti, byonna ne byalula o—o—obukoko bwabyo. Bwonna bugenda bukaaba kimu, "kiyo, kiyo, kiyo," nga bwogera ku kyuma ekyabwalula.

384 Naye nze njagala mbeeko ne gwe mpita Taata, gwe mpita Maama. Erinnya lya Mukama lyebazibwe! Ssaazaalibwa na baganda bange bangi, naye abo be nnazaalibwa nabo ne baganda bange. Amiina. Tulina Maama ayanukula bw'o . . . Maama Oyo ali mu Ggulu, Oyo atuzaala ffenna. "Nga enkoko bw'ewambaatira obwana bwayo, n'ebukumaakuma, ne—n'ebuwembejja . . . n'ewembejja obwana bwayo, Nange bwe nnaabawambatira. O Yerusaalemi, Yerusaalemi,

emirundi emeka gye Nnayagala okubakuŋŋaanya nga enkoko bw'ekuŋŋaanya obwana bwayo! Mirundi emeka gye Nnayagala okubafuula Abange, naye ne mugaana. Mulina amatendekero gammwe ag'eddiini, mwalula bakabona abammwe. Baabayigiriza okunkyawa. Kati muli ku lwammwe. Mwolekedde kuzikirizibwa kwammwe."

385 Nange ŋŋamba nti: O, bantu mmwe, o, bantu mmwe, mirundi emeka Omwoyo Omutukuvu gy'ayagadde okubawambaatira nga enkoko bw'ewambaatira obwana bwayo, naye mwagala ngeri yammwe, mujja kukikola mu ngeri eyammwe!

386 Olumu ku biro bino njagala mbuulire ku, "Engeri yo nga ggwe." Omanyi, Kayini yali ayagala kikolebwe mu ngeri eyiye. Omuntu, leero ayagala ebintu bikolebwe mu ngeri ye. "Naye waliwo ekkubo erirabika nga ettuufu, naye enkomerero yaalyo kufa."

387 Kati mwekkaanye. "Mu ekyo Agamba nti, 'Empya—endagaano empya . . .'" Nzikiriza, kati . . . Nedda. Mbadde nsoma wakyamu.

388 Olunyiriri olw'a 28.

> *Kubanga amateeka galonda abantu okuba bakabona abasinga obukulu abalina* obunafu; *naye ekigambo eky'ekirayiro, ekyaddirira amaateeka, kyalonda Omwana,* abeerera *okutuusa emirembe gyonna.*

389 Katonda atenderezebwe emirembe gyonna, olw'Omwana abeerera emirembe gyonna nga engeri ya Merukizeddeeki. Era Talina lwe yatandika. Talina nkomerero. Era amateeka gaali tegayinza kuvaamu kintu bwe kityo, kubanga gaali ga mubiri. N'ekkanisa teyinza kuvaamu kintu bwe kityo, ebibiina by'amadiini, kubanga bya mubiri. A—amatendekero g'ebyeddiini tegayinza kuvaamu kintu bwe kityo. Ensi bagezezzaako okugitendeka Omwoyo Omutukuvu. Bagezezzaako okumukolamu eddiini. Bagezezzaako buli ngeri yonna mu nsi, okukola buli kimu kyonna kye basobola okukola, naye ekintu ekikulu ne bakisuula muguluka: "Oteekwa kumuzaalibwaamu." Katonda y'akufuula ekyo ky'oli, mazima ddala, ssi lwa kuba walekera awo okukola ekintu *gundi*.

390 Kati, Abanazaliini, mmwe temwambala mpeta, temwambala ssaawa, era muteekwa okuba n'ebintu *gundi*, emikono gy'engoye zammwe girina kuba miwanvu nga gikoma *wano*, emikono gy'essaati, ate sikaati zammwe zirina kuba nga zikoma wano bwe *ziti* obuwanvu, era nti—era nti abasajja tebakkirizibwa kwegatta ku kibiina kya bwegassi kyonna. Era ebyo bw'otabigondera tebajja kukubatiza. Kale. Olwo ate ne wajja Abakatuliki, nabo balina ebyabwe. Ne wajja Abamesodisiti, nabo balina ebyabwe. Buli kimu kirina ekipimo ky'olina okutuukana nakyo. Bw'otatuukagana nakyo, olwo, nga ggwe owedde. Mukiraba?

391 Naye kati, ekinyusi kyennyini, kye kino nti, "Mu mikono gyange sirina bulungi bwonna bwe nzija nabwo! Nneesize bwesizi omusaalaba Gwo. Ai Katonda, ndi bwereere, nzijudde ebiwundu, nneetaaga kubeerwa. Ai, Kristo, mu buwombeefu nzija gy'oli, nga njatula nti sirina kyendi era siriimu kantu. Nzikiriza, Ai Katonda." Olwo Katonda n'akukkiriza.

392 Kati, oyinza okuba tomanyi na nnyukuta ezisookerwako eza ABC. Oyinza okuba tosobola kwawula mmwaanyi ku kawo abejjuddwaamu. Oyinza okuba, tomanyi biragiro bya mbalaasi kw'ekyukira, kudda ku mukono gwa kkono na kudda ku gwa kkono. *By'otamanyi* ka bibeere nga byenkana wa tebirina kye bikyusa. Waliwo ekintu kimu *ky'oteekwa* okumanya, nti, Yesu Kristo yatwala ekifo kyo nga omwonoonyi. Era otwale ekifo kyo, oyimirire mu butuukirivu Bwe, oyatule buli lunaku nti toliimu kalungi konna, era omwagale n'omutima gwo gwonna, n'ebigendererwa byo byonna obiteeke ku Ye, ojja kutuuka mu Ggulu. Ky'ekyo kyokka, kubanga Obulamu obwali mu Kristo bulina okubeera mu ggwe, bwe butakubaamu obeera obuze.

393 Nga tetunnamaliriza, mujjukira endagaano eteriiko kakwakkulizo Katonda gye yakola ne Ibulayimu? Kiki kye Yakola akawungeezi ako Katonda bwe yagamba nti, "Leka ndabe. . . " Ibulayimu bwe yagamba nti, "Leka ndabe bw'Ogenda okukikola." Ndowooza kiri, mu Lubereberye essuula ey'e 16. "Ka ndabe bw'Ogenda okukikola."

394 N'amugamba nti, "Jangu wano, Ibulayimu." Bw'atyo n'Akwata Ibulayimu, n'amugamba nti, "Genda ontwalire o—omwana gw'endiga, ontwalire n'e—n'e—n'embuzi, ontwalire n'ente enkazi. Era njagala obitwale waggulu eri obiweeyo nga ssaddaaka."

395 Ibulayimu n'agenda n'afuna endiga, n'e—n'embuzi, n'e—n'e—n'omwana gw'endiga, manyanga, n'ente enkazi. N'abitta. Zonna zaali ssaddaaka ennongoofu. N'abyabuluzaamu wakati, n'abiteeka wabweru. Bwe yava awo n'agenda n'afunayo bukaamukuukulu bubiri, n'abusuulamu wakati. Oluvannyuma Ibulayimu n'abigobako amasega obutabigwaako, nga bw'alindirira Katonda okujja. "Kaakano, Mukama, ssaddaaka yiiyo, kino Ogenda kukikola otya? Ssimanyi bw'Ogenda kulokola muntu nga tayagala. Ssimanyi ngeri gy'Ogenda kukikolamu. Onaakikola otya okukikola, Mukama?"

396 Mukama n'agamba nti, "Kati labayo, Ibulayimu. Oli nnabbi. Oli wa mwoyo, era ojja kutegeera kye njogerako."

397 "Kale, Mukama, weewaawo njagala nkirabe." Kati ngezaako kubasiigira kifaananyi ky'ekyo ekyaliwo.

398 "Kati, Ibulayimu, jangu wano, otuule wano eno ogobe amasega ago galeme okubigwaako." Bw'atyo n'agoba amasega gonna, okutuusa enjuba lwe yagwa.

399 Era mumanyi ekyabaawo, Katonda yakka wansi. Bwe Yakka wansi, Ibulayimu yali atandise okusumagira. Katonda n'amugamba nti, "Ibulayimu, ŋŋenda kukwebasa otulo."

400 Kati wuliriza ggwe mukwano gwange agoberera amateeka. Olaba, Ibulayimu mu kifaananyi Katonda yamuggyiramu ddala, teyalina kintu kyonna ky'agenda kukola mu nsonga eyo. Era naawe bw'atyo bwe Yakufuna. Wagamba nti, "Bannange, nnanoonya Katonda." Tomunoonyangako.

401 Katonda ye yakunoonya, "Tewali muntu ayinza kujja gye Ndi okuggyako nga Kitange y'amuwaludde okusooka." Mukiraba?

402 Katonda y'akunoonya, si ggwe anoonya Katonda. Tomunoonyangako. Ggwe obutonde bwo bukyamu. Oli mbizzi. Tolina kirala ky'omanyi kisinga ku ekyo. Weebeerera mu kiyumba kya mbizzi. Kye kyokka ky'omanyi. Era okyagala. Onywa omwenge, ne weenyogootolera awo, n'oyendeguza ne muk'omusajja, n'okola buli kibi ky'osobola okukola, nga ggwe gy'oli tebiriimu kabi konna. "Ha, muganda wange, tunyumirwa okukamala!" Olowooza birungi.

403 Naye Katonda n'akonkona ku mutima gwo. [Ow'oluganda Branham akonkona ku kituuti—Omuk.] Ekyo kye kikyuusa. Ssi ggwe akonkona ewa Katonda; Katonda y'akukonkona. Adamu ssi ye yakonkona ku mutima gwa Katonda; Katonda ye yakonkona ku mutima gwa Adamu. Era oli mwana wa Adamu. Bwe kiri. Adamu nga tannaddayo kubeera mwana wa Katonda, nate, Katonda yalina okukonkona ku mutima gwe. Naawe nga tonnafuuka mwana wa Katonda, Katonda alina okusooka n'akonkona ku mutima gwo.

404 Kale, kati Ibulayimu ne yeebaka. Era bwe yeebaka, kiki kye yasooka okulaba? Yalaba ekizikiza ekirabika obubi ennyo, ekyeraliikiriza, eky'entiisa. Nga okwo kwe kufa, okutuuka ku luse lw'abantu. Bwe yava awo n'alengera okusukka ku ekyo, n'alaba ekikoomi ekinyooka. Nga tonnafuna mukka, olina okusooka okuba n'omuliro. Ye nsonga lwaki nzikiriza nti ggeyeena kifo ekirimu omuliro ogwaka. Kale.

405 Yatulaga nti, buli omu ku ffe alina okufa, era buli omu ku ffe alina okugenda mu ggeyeena, kubanga tuli boonoonyi.

406 Kaakati, naye, okusukka ku ekyo, yalaba Akatangaala, akeeru.

407 Era Akatangaala kano, akeeru, Ekitangaala kitegeeza ki? Ekitangaala ekyo ekyeru kyali ki? Ye Mpagi y'Omuliro eri eyakulemberanga abaana ba Isiraeri. Ye Mpagi y'Omuliro eyasisinkana Pawulo nga agenda e Damasiko. Ye Mpagi y'Omuliro eyajja Peetero mu kkomera. Ye Mpagi y'Omuliro eri wano akawungeezi kano.

408 Oyo Katonda Ataggwaawo, ow'emirembe n'emirembe, yatambula Ye Mwene n'ayita wakati wa ssaddaaka zino ezaabuluziddwaamu, (ha, bannange), nga adda eno n'eri ku buli emu. "Bwe nti bwe ŋŋenda okukikola, Ibulayimu. Nneetegereza olabe, kye ŋŋenda okukola. Mu kino Nkola endagaano. Era Ndayira, nti, okusinziira ku Zzadde, Ndiyimusa Omwegayirizi. Ndikola endagaano n'okufa. Era Ndisalira okufa omusango, mu mubiri, kubanga Nze Mwene ndijja ne ntwala okufa okwo. Ibulayimu," n'agenda mu maaso n'agamba nti, "okuyita mu Zzadde lyo, ggwe Ibulayimu, mulivaamu, ye ggwe agenda okuba kitaawe w'ensi yonna, okuyita mu Zzadde lyo. Era ekisuubizo kino sikikola naawe wekka, era eri ggwe wekka, wabula n'eri Ezzadde lyo eririddawo." Yamanya buli omu bw'aliba. "Si kye bakola nga *bo;* wabula kye Nkola. ŋŋenda kukikola, Ibulayimu. Nneesiga Adamu, naye n'amenya endagaano ye. N'abalala bonna baamenya endagaano zaabwe. Naye eno ŋŋenda kugikola Nzekka, era nneerayira nga Nze mwene, 'Nja kugikuuma.'" Amiina. Amiina. Amiina.

409 Tukola ki, bwe tuba tukola endagaano? ŋŋamba nti, "Ow'oluganda Neville. . . " Kati musooke, mwekkaanye kino. ŋŋamba nti, "Ow'oluganda Neville, leka nkubuulire kye ŋŋenda okukola. Singa obuulira okutuusa. . . enkya akawungeezi, n'akawungeezi akaddako, okutuusa ku Lwokusatu, nze nja kubuulira, okuva ku Lwokusatu, okutuusa ku Ssande." [Ebbanga ku lutambi—Omuk.] "Okkiriza okukola endagaano eyo?"

410 "Yee, ssebo."

411 Tukola tuti. "Nkwataako mu ngalo, muvubuka." Nga kiwedde. Eyo ye ndagaano mu Amerika. Bwe tutyo bwe tukola endagaano.

412 Kati ate, bakola batya endagaano mu Japaani? Tugikola, ne tugamba nti, "Bw'onaakola *kino* nange nja kukola *kino*." Ne tufunayo otunnyo, kubanga omunnyo gulimu ensa. Ne tukwata omunnyo, ne ngumansira Ow'oluganda Neville, n'Ow'oluganda Neville n'akwata omunnyo—omunnyo n'agummansira. N'eba nga ndagaano etusiba okuba nti tutuukiriza bye tusuubizza.

413 David Livingstone yakola atya endagaano n'omuddugavu w'omu Afirika, okusobola okugenda mu nsi ye? Yagenda eri omwami eyali atwala eggwanga eryo, n'amusaba olukusa okuyingira mu kitundu ekyo, okubuulira Enjiri n'okubaako emirimu gy'akolayo. Ne bafuna egiraasi y'omwenge. Kati eno y'endagaano gye yakola n'omuddugavu w'omu Afirika. Baafuna egiraasi y'omwenge. Omwami omuddugavu n'afumita emisuwa gye, ne muvaamu omusaayi nga bwe gutonnya mu ggiraasi y'omwenge. Ne David Livingstone n'afumita emisuwa gye, ne muvaamu omusaayi nga bwe gutonnya mu ggiraasi y'omwenge. Ne bagukologa ne byetabula wamu. Livingstone

n'anywako ekitundu, n'omwami w'abaddugavu naye n'anywako ekitundu. Bwe baamala, buli omu n'awa munne ekirabo. David Livingstone, n'abuuza omwami w'abaddugavu nti, "Nkuwe ki?"

414 N'agamba nti, "Mpa ekkooti eyo enjeru gy'oyambadde." Livingstone n'ayambulamu ekkooti ye n'agiwa omwami w'abaddugavu. N'omwami w'abaddugavu n'amubuuza nti, "Nkuwe ki?"

415 N'amugamba nti, "Mpa effumu eryo eryawongebwa ly'okutte mu ngalo zo." Kubanga, yakimanya nti yali asobola okuyingira nalyo, bw'atyo n'atwala effumu eryo. Era bafuuka baaluganda, kubanga baali basse omukago.

416 Era bwe yabanga atambula mu ggwanga eryo, bannansi ne baagala okumulumba okumutta, yayimusanga effumu eryo eryawongebwa. Era bwe yaliyimusanga, baalirabanga ne bagamba nti, "Eh, eh, oyo omusajja tetusobola kumukola kabi konna." Lwaki? "Oyo muganda waffe ow'endagaano, newankubadde muzungu, era nga tetumulabangako." Baali tebakimanyi nti baddugavu okutuusa lwe baamulaba. Baali tebalabanga ku muntu bw'atyo. "Naye oyo muganda waffe ow'endagaano. Akutte effumu ly'omwami mu mukono gwe."

417 Nga kifaananyi kirungi nnyo, leero, ekyoleka okunywa ku Musaayi gw'endagaano ya Mukama waffe Yesu, nga tuliko amaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu! Tulumba mu Linnya lya Yesu, era obubonero buno bunaabagobereranga abo abali mu ndagaano eyo. Ly'Effumu ly'Omwami ery'obuyinza. Mulaba endagaano eyo, ky'eri?

418 Baagikolanga batya mu biro biri mu buvanjuba? Baakolanga ekirayiro, buli omu eri munne. Ne batta ensolo, ne bagyaabuluzaamu wakati, ne bayimirira wakati. Aba—abasajja ababiri ne bayimirira wakati, wakati w'ebitundu by'ensolo gye baabuluzza. Ne bakola endagaano. "*Kino* bwe ndiremererwa okukituukiriza, *kino* bwe ndiremererwa okukikola, wamu, ne *kino* ne *kiri*, omubiri gwange ka gubeere ng'ensolo eno ettiddwa. Omubiri gwange ka gubeere nga ensolo eno ettiddwa." Era ekyo bwe bakikolanga, baakolanga endagaano eno ne bayimirira wakati w'ensolo *eno*; ne bakola ekirayiro, ne balayira nti bajja kukikola. Ne bayuzaamu olupapula, bombi, ne baluyuzaamu, ekitundu ekimu omu n'akiwa munne, n'omulala bw'atyo. Nga lumu balisisinkana. Era nga balittibwa ne bafa, singa baliba tebatuukirizza kirayiro ekyo; ne babeera nga ensolo ezo ze basse. Kale.

419 Mulaba ensolo ezo essatu? Ezituukiridde; omwana gw'endiga, embuzi, ne ssaddaaka essatu ezituukiride. Omwana gw'endiga gwali . . . Ka kaamukuukulu kaali kooleka ki? Bukaamukuukulu obubiri bwali bwoleka ki? Bukaamukuukulu obubiri bwawebwaayo nga ssaddaaka nga bwoleka obulokozi n'okuwonyezebwa, mu—mu . . . ebyali mu ndagaano eyo.

Mukiraba? Okutangirirwa kwakolebwanga mu ngeri za njawulo, naye okuwonyezebwa kwasigalanga kwe kumu, n'obulokozi bwasigala bwe bumu. Bukaamukuukulu obubiri, obutaayabuluzibwaamu, bwali bwoleka ebyo, byombi. Obulokozi . . . "Olw'emiggo Gye twawonyezebwa. Yafumitibwa olw'okusobya kwaffe. Era olw'emiggo Gye twawonyezebwa." Bwateekebwa ku ludda, nga tebwaabuluzziddwamu. Naye endagaano, ekitundu ky'ensolo (zonna essatu) zaayabuluzibwamu. Mukiraba? Era ekyo bwe baakikolanga, baayuzangamu olupapula ne bakola endagaano yaabwe.

420 Mwetegereze Katonda kye yali agamba Ibulayimu nti: "E Kalivaaliyo, e Kalivaaliyo, okuyita mu Zzadde lyo. Mu ggwe mwavaamu Isaaka, mu Isaaka ne muvaamu *Gundi*, Yakobo, mu Yakobo ne muvaamu Yusufu, mu Yusufu ne muvaamu, abalala, n'abalala, n'abalala, abaddangawo, okutuusa, ku nkomerero, okuyita mu Zzadde eryo ettuukirivu!" Ye . . .

421 Yaakamala okukyogera wano, eno, nga agamba nti Mukama waffe yava mu ggwanga eryali terimanyiddwa kuvaamu bakabona. K'abeere Musa teyalyogerako, nti lirivaamu obwakabona. "Mukama waffe yava mu kika kya Yuda." Si mu kya Leevi, kubanga baali bagoberezi b'amateeka ab'omubiri. Naye Mukama waffe yava mu Yuda. Ekitiibwa! Kiikyo. Ekisuubizo gye kyaweebwa!

422 Kaakano muwulirize n'obwegendereza, nga bwe tumaliriza. Era e Kalivaaliyo, Katonda yakka wansi n'akwata omubiri gw'Omwana We yennyini, mwe Yali abeera, n'aguyuzaamu wabiri e Kalivaaliyo. N'atonnya omusaayi, n'afumitibwa, n'asalibwa, n'afumitibwa effumu ne limuyuuzaamu wabiri, Omusaayi Gwe ne gutiiriika. N'agamba nti, "Kitange, Nteeka Omwoyo gwange mu mikono Gyo." N'akoteka omutwe Gwe. Ensi n'ekankana, ebimyanso ne bimyansa, ne waba okubwatuka kw'eggulu. Katonda yali awandiika endagaano Ye ey'emirembe n'emirembe.

423 Bwe Yava awo n'Ayimusa omubiri Gwe n'aguggya mu ntaana, ku lunaku olusooka mu wiiki, n'agutwala mu Ggulu, n'aguteeka awo okuba Kabona Omukulu, nga ekijjukizo; nga guli awo, gutuukiridde, emirembe gyonna. N'asindika Omwoyo gwe Yajja mu mubiri ogwo bwe yaguyuzaamu, n'agusindika gukomewo eri Ekkanisa. Era Ekkanisa eyo erina okuba n'Omwoyo gwe gumu ogwali mu mubiri guli, bwe kitaba ekyo tegulikwatagana na Mwoyo ogwo mu kuzuukira. Ebitundu ebyo byombiriri birina okwataganira ddala bulungi. Era Ekkanisa eno bw'etalibeerera, ddala na Mwoyo y'omu yennyini, eyali mu Kristo, toligenda mu Kukwakkulibwa.

424 Eyo y'endagaano ey'emirembe n'emirembe, ow'oluganda. Weekebere, ggwe kennyini, kiki ekiri mu mutima gwo. Yagala Mukama. Kakasiza ddala nti walokoka. Tomala geeyibaala.

Nga oteebereza. O, mmwe, ffe Abamerika, twagala nnyo eby'okuteebereza, naye ku nsonga Eyo togeza n'oteebereza obuteebereza. Kakasa nti ddala oli mutuufu. Teweesigama ku kubeera nti weegatta ku kkanisa, wabula weesigame ku kubeera nti ddala wazaalibwa omulundi ogw'okubiri, era Kristo yajja gy'oli, mu Buntu nga Omwoyo Omutukuvu.

425 Kati, njagala era, mbeeko ne kye nnyongerezaako, nga mmaliriza. Nga tusaanye okuba abasanyufu ennyo, okulaba Omwoyo y'omu eyali mu Yesu Kristo, nga ali mu makkati gaffe, nga akola ebintu bye bimu bye Yakola bwe Yali wano ku nsi! Nga tusaanye okuba abasanyufu ennyo!

Kaakano leka tusabe, nga bwe tukoteka emitwe gyaffe.

426 Ayi Mukama, lubadde lunaku lukulu. Newankubadde mpulira nga bulijjo, nti nnemereddwa. Ssisobola kumukiikirira bulungi, ayi Mukama. Nkusaba onsonyiwe olw'engeri zange ez'obusirusiru. O, nneenenya ebibi byange gy'Oli, era nsaba okusaasirwa, nga mmanyi nti waliwo Kabona Omukulu ayimiridde ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda, mu Ggulu, Ataalondebwa nga Alooni, oba nga amateeka wamu n'ebiragiro n'ebirala. Wabula Eyatekebwaayo olw'ekisa kya Katonda eyandaba, nga n'ensi tennatondebwa, n'andaba nga ndi wano mu nsi, n'afa olw'ebibi byange, okunkomyawo mu Bwakabaka bwa Katonda. Nkwebaza, ayi Kitaffe, olwa kino.

427 Kubanga, Omwoyo ono kaakano afugira mu bantu Bo Taggwaawo era nga ne Katonda bw'Ataggwaawo. "Mbawa Obulamu Obutaggwaawo, Obulamu obw'olubeerera, Obulamu obw'emirembe n'emirembe, era tebalizikirira." Era mu kusala Omusango, tebalibaayo. Baasalirwa dda omusango. Baliba mu Kitiibwa. "Era ensiisira eno ey'oku nsi bw'erimala okubumbulukuka, tulina endala etulindiridde emitala gye tuliyingiramu." Ekyo tukikwebaliza, ayi Mukama.

428 Nsaba kaakano, bwe wabaawo omuntu yenna wano, akawungeezi kano, atanywanga ku Musaayi gwennyini ogw'endagaano, atamanyi kye gutegeeza, atamanyi kye kitegeeza okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri, n'okuba n'okussa ekimu okwa nnamaddala ne Kristo mu mutima gwe omusajja, oba omukazi, leka amusembeze mu kaseera kano kennyini, nga bwe tulindirira era nga bwe tumuwa omukisa guno okukikola. Era ku Lunaku luli, tusaba tusangibwe nga twakiikirira Enjiri mu Kitangaala kyennyini ekituufu. Tukisabye, mu Linnya lya Kristo.

429 Nga tukyakotese emitwe gyaffe, wayinza okubaayo omuntu ayimusa emikono gye eri Kristo, n'agamba nti, "Ayi Kristo wa Katonda, nsaasira. Nzikiriza, nze omuweereza Wo atasaanidde, nfune Omwoyo Omutukuvu mu mutima gwange mu kaseera kano. Era ompe obukakafu awamu n'okwagala bye nneetaagira ddala"? Bw'oba tomufunanga, osobola okuyimusa emikono gyo

gy'Ali, n'ogamba nti, "Ayi Mukama, kano ke kabonero akooleka nti mmwetaaga"? Osobola okuyimusa omukono gwo? Katonda akuwe omukisa nnyabo, emabega wali. Katonda akuwe omukisa ssebo, erudda wano. Akuwe omukisa ssebo, wano eno. Katonda abeere naawe. Ekyo kirungi. Omusajja ono ali ku ludda luno eno, Katonda akuwe omukisa, muganda wange. N'omulala yenna, kaakano nga tetunnamaliriza, tukyalinzeeko eddakiika nga ziizo. Katonda akuwe omukisa mutabani, emabega wali. Waliyo omulala yenna?

430 "Kaakano njayaana. Njayaana, ayi Mukama Katonda. Omanyi omutima gwange. Omanyi ekiri mu birowoozo byange. Ggwe, 'Omwoyo wa Katonda mulamu era asala n'okusinga ekitala eky'obwogi obubiri, ayitamu n'atuukira ddala mu nnyingo n'obusomyo, n'okwawula n'Ayawula n'okulowooza okw'omu mutima.'" Kirowoozeeko Ekyo. Amanyi n'ebirowoozo byo, n'ebigendererwa byo.

431 Osobola okuyimusa omukono gwo? N'ogamba nti, "Ayi Katonda, nsaasira, kaakano. Nja—njagala Otegeere nti mmanyi nga ssiteredde, era nkitegeerera ddala bulungi, naye njagala kutereera." Kale, kati nga tukyakotese emitwe gyaffe, nga bwe tusaba, kifumiitirizeeko. Tetwagala kukyanguyiriza.

> Olwazi olw'Edda n'edda, olwanjatikira nze,
> Leka nneekwekenga mu Ggwe;
> Nsaba Amazzi n'Omusaayi,
> Ebyakulukuta okuva mu mbiriizi Zo . . .
> Bibeere eby'okuwonyezebwa okw'emirundi ebiri okuva eri ekibi . . . (Okuwonyezebwa okw'emirundi ebiri, Yalayira okkukola, olw'ebintu ebibiri ebitayinza kujjulukuka.)
> Ntaasa ekiruyi era onnongoose.
>
> Nga bwe nzisa . . .

432 Ayi Mukama, tuleetere okukitegeera mu kaseera kano nti omukka guno gwe tussa gwa kaseera buseera. Tetumanyi kiseera kyenkana wa kye tusigazza. Byonna biri mu kuteesa Kwo okukulu. Ye Ggwe asalawo. O, tukwatirwe ekisa. N'abo abaayimusizza emikono gyabwe, Mukama, tekyetaagisa kubamenya mannya. Obamanyi buli omu ku bo. Naye mpaayo okwegayirira kuno ku lwabwe. Nkusaba oggyewo okusalirwa omusango okuva mu mitima gyabwe, era obasobozese okujja n'obuvumu, mu kaseera kano kennyini, eri Entebe; batambule n'obuvumu bajje eri Entebe ya Katonda, basabe emikisa gyabwe Katonda gye yabawa. Ye ggwe abasobozesezza okuyimusa emikono gyabwe. Babadde tebasobola kukikola ku lwabwe. Era nsaba, ayi Katonda, kino okikkirize mu Linnya lya Yesu. Amiina.

. . . nneekwekenga mu Ggwe;

Kati, musinze businza kati.

Nsaba amazzi ne. . . (O, bannange!)
Ebyakulukuta okuva mu mbiriizi Zo
Bibeere eby'okuwonyezebwa okw'emirundi
ebiri okuva eri ekibi,
Ntaasa ekiruyi era onnongoose.

433 Bameka nga kati owulira bulungi nnyo? Yimusa omukono gwo, ogambe nti, "Mukama atenderezebwe!" [Ekibiina kiddamu nti, "Mukama atenderezebwe!"—Omuk.] O, mulungi nnyo! O!

*Waliwo Ekifo ku Nsulo*. Oluyimba olwo olumanyi, Mwannyinaffe Gertie? Leka. Oluyimba olwo bameka abalwagala? Kati tugenda kubeera n'okubatiza, mu kaseera katono. (Ogenda kubabatiza?) Kale.

. . . ekifo, weewaawo, waliwo ekifo,
Waliwo ekifo kyo ku Nsulo;
Ekifo, ekifo. . .

434 Kale. Abo abagenda okubatizibwa, abasajja bagenda kugenda mu kasenge *kano* eno, ate abakazi mu *kano*, kale, abo abagenda okubatizibwa mu Linnya lya Mukama waffe ery'omukisa.

. . . nnungi gy'oli,
Waliwo ekifo kyo ku Nsulo;
Katonda abadde mulungi nnyo gyendi,
Waliwo ekifo kyo ku Nsulo.

435 Kaakano buli omu:

Ekifo, ekifo, weewaawo, waliwo ekifo,
Waliwo ekifo kyo ku Nsulo;
O, ekifo, ekifo, weewaawo, waliwo ekifo,
Waliwo ekifo kyo ku Nsulo.

436 O, oluyimba olwo olw'edda ndwagala nnyo. Mmwe temulwagala?

Waliwo ekifo kyo ku Nsulo;
O, ekifo, ekifo, waliwo ekifo ekimala,
Waliwo ekifo ku Nsulo.

437 Kaakano, nga omukadde agenze okweteekateeka olw'okubatiza, njagala mbeeko ne kye nnyinnyonnyola ekibiina. Era nja kusaba abadiikoni, bwe baba basobola okumpulira eyo mu kasenge gye bali, bwe baba bamalirizza, bajje—bajje bantegeeze, tusobole okuggyawo emizindaalo. Kino twagala mwenna mukirabe. Kijja kutwala eddakiika endala nga kkumi, oluvannyuma ekkanisa esiibulwe.

438 Kati njagala mbasomereyo ku Byawandiikibwa ebitukuvu. Njagala kubisoma okuva mu Kitabo ky'Ebikolwa by'Abatume. Era njagala ntandikire ku lunyiriri olw'e 12 olw'essuula ey'oku 2 ey'Ebikolwa by'Abatume.

439 Kati, njagala mwetegereze mu ssuula ey'e 16 ey'enjiri y'Omutukuvu Lukka, manyanga mu njiri y'Omutukuvu Matayo, nzikiriza mwe kiri, nti Yesu yali ava ku lusozi. Ba... Yabuuza abayigirizwa Be nti, "Nze Omwana w'omuntu abantu bampita ani?"

440 "Abamu ku bo ne bagamba nti, abamu bagamba, Ggwe 'Eriya.' Ate abalala bagamba Ggwe—Ggwe 'Nnabbi oli.' Ate abalala bagamba Ggwe *ono* abalala *oli*."

441 N'ababuuza nti, "Naye mmwe mumpita ani?"

442 Peetero n'amugamba nti, "Ggwe Kristo, Omwana wa Katonda omulamu." Si bwe kiri?

443 Yesu n'amugamba nti, "Olina omukisa, ggwe Simooni Ba-yona, kubanga kino omubiri n'omusaayi si bye bikikubikkulidde. Tekyakuyigirizibwa mu ttendekero lya bya ddiini. Tewali muntu yenna yakikuyigiriza." N'agamba nti, "Wabula Kitange ali mu Ggulu y'akikubikkulidde. Nange nkugamba nti ggwe Peetero. Ku lwazi luno kwe Ndizimba Ekkanisa Yange. N'emiryango gy'emagombe tegirigiyinza. Era Nkuwa ebisumuluzo by'Obwakabaka obw'omu Ggulu." Si bwe kigamba? "Era kyonna ky'olisumulula ku nsi, Nange ndikisumulula mu Ggulu. Ky'olisiba ku nsi, Nange ndikisiba mu Ggulu." Yali Akitegeeza? Teyandikyogedde ssinga yali takitegeeza. Kati, ekiseera bwe kyayitawo, kati, Peetero ye yalina ebisumuluzo by'Obwakabaka.

444 Kati, mmwe Abakatuliki, muyinza okulowooza kino, kye mugamba nti, "Ekereziya Katolika yazimbibwa ku Peetero." Kale, tugenda kulaba. "Be baalina ebisumuluzo. Ekereziya Katolika na buli kati y'erina ebisumuluzo."

445 Leka tulabe kiki ye *Peetero* kye yakozesa ebisumuluzo, mukiraba, lwe tunaakitegeera. Bayibuli egamba, eri Peetero n'abatume abalala nti, "Mugende mu nsi yonna. Buli yenna gwe mulisonyiwa ebibi bye, birimusonyiyibwa. Buli yenna gwe mutaliggyako bibi bye, tebirimuggyibwako." Ekyo, ka nkiddemu...Wayinza okubaawo atategedde kye ntegeeza. Yesu yagamba abatume nti, "Yenna gwe mulisonyiwa ebibi, Nange ndimusonyiwa. Na buli gwe mutalisonyiwa, ebibi bye ne bimusigalako, Nange siribimusonyiwa." Ekyo Yesu kye yagamba.

446 Naye mulabe ekereziya Katolika ekyo bwe yakyezza.

447 Naye leka tulabe bali bwe baakikola. Era bwe tunaategeera bwe baakikola, kitegeeza naffe bwe tulina okukola. Kati ka tulabe.

448 Kati tuli ku Lunaku lwa Pentekoote. Ekkanisa eggulwawo mu butongole. Bonna baali mu kisenge ekya waggulu. Abasajja ne bavaayo waggulu eyo, nga boogera ennimi ez'enjawulo. Lwaki? Buli lulimi wansi w'Eggulu lwakiikirirwa. Ne

Olungereza, nalwo lwaliyo. Buli lulimi wansi w'Eggulu lwalina okubaawo, mu nnimi ezaayogerwa ku lunaku olwo. Agenda mu maaso wano n'amenya ezimu ku nnimi ennyingi ezaaliwo, n'engeri Abakuleete n'abagenyi, n'abakyufu okuva e Rooma, na—na—n'Abawalabu, bonna bwe baali boogera nga bagulu-. . . Kati, baali teboogera nnimi ezitateegerekeka. Baali boogera ennimi, abantu ze bategeera. Ssi nnimi ezitategerekeka, naye ennimi ezoogerwa buli muntu ze yali ategeera. Omwonoonyi, atakkiriza, yali asobola okuwulira bye boogera. "Kijja kitya okuba nga tuwulira buli omu mu lulimi lw'ewaffe gye—gye tuzaalibwa?"

449 Kati mulabeeyo. Kati ekibuuzo wano we kijjira. Kati, "Abalala ne babasekerera." Olunyiriri olw'e 12, kale.

*Bonna ne beewuunya, ne. . .ne babuubuusa, ne bagambagana nti, Amakulu gaakyo kiki kino?*

*Naye abalala* ne babasekera nga bagamba nti, *Bano. . .batamidde omwenge omusu.*

450 Baali babasekerera. Kubanga, baali bakola batya? Baali batagala nga abatamiivu, nga abatamiivu. Nga boogera, nga bye boogera tebabimanyi, naye nga babuulira enjiri eri ekibiina mu nnimi ze baali batamanyi nga bo, naye nga ekibiina kizimanyi. Mukiraba? Kale.

*Abalala. . .ne bagamba nti*, Bano *batamidde omwenge omusu,* mmwe mulabe bye bakola.

*Abalala* ne babasekerera, nga bagamba, *Bano. . . bajjudde o. . .*

"Naye Peetero. . ." Ssebo, weegendereze! Ye ggwe alina ebisumuluzo.

*Naye Peetero, bwe yayimirira ne bali ekkumi n'omu, n'ayogerera waggulu n'abagamba nti. . .*

Kati, mujjukire nti, kuno kwe kwali okuggulwawo kw'Ekkanisa mu butongole.

*. . .Mmwe abasajja Abayudaaya ne. . .*nammwe *abatuula* mu *Yerusaalemi mwenna, mutegeere kino, mutegere amatu ebigambo byange:*

*Kubanga bano* tebatamidde*, nga* mmwe *bwe mulowooza, kubanga ye ssaawa ey'okusatu ey'emisana.*

Ebbaala zaali tezinnaggulawo. Olaba?

*Naye bino bye byayogerwa nnabbi Yoweeri nti;*

*. . .olulituuka mu nnaku ez'oluvannyuma, bw'ayogera Katonda,* Ndifuka *Omwoyo gwange ku balina omubiri bonna:* ku *batabani bammwe ne. . .bawala bammwe,* era *baliragula, n'abalenzi bammwe baliraba okwolesebwa, n'abakadde bammwe baliroota ebirooto:*

*Weewaawo ne ku baddu bange ne*. . . n'omuzaana wange *mu nnaku ziri ndibafukira ku Mwoyo gwange;* . . . *baliragula:*

*Era* ndyolesa *eby'ekitalo* mu *ggulu waggulu, n'obubonero mu nsi wansi;* . . .

Kati, ono Peetero y'ali mu kubuulira, oyo alina ebisumuluzo.

. . . *omusaayi,* . . . *omuliro,* . . . n'okunyooka *kw'omukka:*

*Enjuba erifuuka ekizikiza,* . . . *omwezi okuba omusaayi, olunaku lwa Mukama olukulu olulitenderezebwa nga terunnaba kujja:*

*Era olulituuka, buli alisaba erinnya lya Mukama alirokoka.*

*Abasajja Abaisiraeri, muwulire ebigambo bino; Yesu Omunazaaleesi, omuntu eyabalagibwa Katonda mu bigambo eby'amaanyi n'ebyamagero* n'akabonero, *bye* yakola . . . *wakati mu mmwe,* . . . *nga mmwe* . . . *bwe mumanyi:*

Olina ky'ogera ku kunenya? Ye yalina ebisumuluzo, ekyo mukimanyi. Ba . . .

*Oyo, bwe yaweebwayo nga Katonda bwe yasooka okuteesa n'okumanya,* . . .

Kiikyo. Yajja atya okuweebwayo? Kubanga Katonda ye yakiteekateeka kibeere bwe kityo. Mukiraba? Okumanyirawo kwa Katonda okw'ebintu nga tebinnabaawo!

451 [Waliwo ow'oluganda agamba nti, "Omalirizza?"—Omuk.] Lindako katono. Bagambe, balindemu katono, mmaleyo Ekyawandiikibwa kino.

. . . *mwamutwala, ne mumukomerera n'emikono gy'abantu ababi, ne mumutta:*

Naye Oyo *Katonda yamuzuukiza, era yasumulula okuluma kw'okufa: kubanga tekwayinza* . . . *kumunyweza.*

*Kubanga Dawudi* yamwogerako *nti, nnalaba Mukama ennaku zonna* . . . *ku mukono gwange ogwa ddyo, nneme okusagaasagana:*

*Omutima gwange kye gwava gwesiima, olulimi lwange ne lusanyuka; era* . . . *omubiri gwange gunaabeeranga mu ssuubi:*

*Kubanga tolindeka bulamu bwange mu magombe, so toliwaayo Mutukuvu Wo okuvunda.*

*Wanjigiriza* . . . *a—amakubo gange, amakubo g'obulamu; olinzijuza essanyu n'amaaso gange.*

*Abasajja ab'oluganda, nnyinza okwogera n'obuvumu mu maaso gammwe ebya jjajjaffe omukulu Dawudi, . . . yafa n'aziikibwa, n'amalaalo ge gali naffe . . . kaakano.*

*Kale bwe yali nnabbi, bwe yamanya nga Katonda* yalayirira *ekirayiro . . .*

Nnaakamala okukibuulirako.

*. . . nti okusinziira—okusinziira ku* bibala *eby'omu ntumbwe ze,* ali . . . *okusinziira mu mubiri, aliyimusa Kristo okumutuuza ku ntebe ye;*

Kyennyini kye nnaakamala okubuulirako. Ne Peetero ky'abuulira.

*Bwe yalaba olubereberye* (Nnabbi yakiraba nga tekinnabaawo.) *n'ayogera ku kuzuukira kwa Kristo, nga teyalekebwa mu magombe, so nga n'omubiri gwe tegwavunda.*

*Yesu oyo Katonda* amuzuukizza, *ffenna ffe bajulirwa.*

*Awo bwe yalinnyisibwa* waggulu, era n'abeera *ku mukono ogwa ddyo . . . nga ali ku mukono ogwa ddyo, alinnyisiddwa mu ggulu, n'asembezebwa Katonda . . . n'aweebwa okusuubiza kw'Omwoyo Omutukuvu, ye . . . afuse kino, kye* mulaba kati *kye muwulidde.*

*Kubanga Dawudi teyalinnya mu ggulu,* (nnabbi): *naye yayogera yennyini nti, MUKAMA yagamba Mukama wange nti, Tuula ku mukono gwange ogwa ddyo,*

*Okutuusa lwe nditeeka abalabe bo okuba entebe y'ebigere byo.*

*Kale* (muwulirize kino) *mazima* ddala *bamanye ennyumba yonna eya Isiraeri, nti Katonda* afudde *Yesu oyo,* mmwe gwe . . . *mwakomerera, yamufuula Mukama era Kristo.*

Ekyo kisaanye okumalawo empaka zonna, si bwe kiri?

*Awo bwe baawulira ebyo,* aboonoonyi abo, *emitima gyabwe na gibaluma, ne bagamba Peetero . . . Abasajja . . .* eri *Peetero ne . . . abatume . . . abalala, Abasajja ab'oluganda, tunaakola tutya?*

452 Kale. Kati kiikino. Kiki ky'alina? Ekisumuluzo, ekisumuluzo eri Obwakabaka. Obwakabaka buli ludda wa? Buli munda mu ggwe. Si bwe kiri? Omwoyo Omutukuvu bwe Bwakabaka bwa Katonda. Ekyo tukimanyi. Tuzaalibwa mu Bwakabaka, nga abatuuze be era abakiise. Mulabeeyo. Alina ebisumuluzo mu ngalo ze. "Kiki ky'ogenda okubikozesa?" Guno gwe mulundi oluggi lwe lwasooka okuggulwa.

453 Kaakati, omubuulizi alina ekisumuluzo, abuuziddwa ekibuuzo, omulundi ogusookedde ddala. Nzikiriza singa

yagamba nti, "Muyimirire ku mitwe gyammwe," kyandibadde kitongozebwa mu butongole nti kye kirina okukolebwa.

454 "Kyonna ky'olisiba ku nsi, Nange ndikisiba mu Ggulu." Kale. "Kyonna ky'onaayogera, Nange nja kwogera ekintu kye kimu. Ye ggwe alina ekisumuluzo." Kale. N'ayingiza ekisumuluzo mu luggi.

> . . . Okola ki? *Abasajja era ab'oluganda, tunaakola tutya?*
>
> *Awo bwe baawulira ebyo, emitima gyabwe ne gibaluma, ne bagamba . . . Abasajja era aboluganda, . . .*
>
> *. . . Peetero n'abagamba nti, Mwenenye, mubatizibwe buli muntu mu mmwe mu Linnya lya Yesu Kristo olw'okuggyibwako* ekibi, *era munaaweebwa ekirabo nga gwe Mwoyo Omutukuvu.*
>
> *Kubanga okusuubizibwa kwammwe, era kwa baana bammwe, n'abo bonna abali* ewala ennyo, *bonna abaliyitibwa Mukama Katonda waffe.*

Ekyo kyamala empaka ku nsonga eyo emirembe n'emirembe. Ekyo tewali muntu yenna, mu kiseera kyonna, ayinza kukontana nakyo.

455 Ekereziya Katolika bwe yajja, mu kifo ky'okunnyika mu mazzi, baagamansirako bumansizi. Mu kifo ky'okukozesa Erinnya lya Yesu, baatwalamu, "Kitaffe, Mwana, n'Omwoyo Omutukuvu." Ekitayigirizibwa wantu wonna mu Bayibuli.

456 Buli muntu yenna, okuva mu kiseera ekyo, yabatizibwanga annyikibwa mu mazzi mu Linnya lya Yesu Kristo. Waaliwo ne Yokaana Omubatiza eyabatiza Yesu, be yali yannyika mu mazzi, naye Pawulo n'abagamba nti baali tebasobola kufuna Mwoyo Mutukuvu bwe batyo. Baalina okukomawo ne baddamu ne babatizibwa, nate, mu Linnya lya Yesu, nga tebannafuna Mwoyo Mutukuvu. Bameka abakimanyi nti Ekyawandiikibwa bwe kityo bwe kigamba? Ebikolwa by'Abatume, essuula ey'e 19. Kiikyo. Kubanga, Obwakabaka obw'omu Ggulu bwe butyo bwe bwateekebwako envumbo okuva eri engeri ndala yonna, wamu n'ekirayiro kya Yesu Kristo, nti ekyo kiriba kimanyiddwa mu butongole mu Ggulu.

> *. . . Mwenenye, mubatizibwe buli muntu mu mmwe mu Linnya lya Yesu Kristo olw'okuggyibwako ebibi byammwe, . . . munaawebwa ekirabo gwe Mwoyo Omutukuvu.*
>
> Kubanga, *okusuubizibwa kwammwe, era kwa baana bammwe, . . . n'abo bonna abali* ewala ennyo, *bonna abaliyitibwa Mukama Katonda waffe.*

Amiina. Leka tusabe.

457 Kitaffe Katonda, akawungeezi kano, waakayitawo emyaka nga lukumi mu lwenda n'omusobyo, naye era obwesimbu n'obugolokofu bw'emitima gy'abantu bikyakaabira Katonda, nga abaana bwe bakaabira amata okuva mu mabeere ga bannyaabwe. Tukwagala, Mukama. Tetusobola kubeerawo awatali Ggwe. Nga Dawudi bwe yagamba nti "Emmeeme yange erumwa ennyonta ku Lulwo, nga empeewo bw'ewejjawejja nga enoonya akagga k'amazzi." Nga alina okumufuna, oba si ekyo wa kufa.

458 Era, Kitaffe, tutaganjudde Ebyawandiikibwa, eno n'eri. Nga tetugenderera kubeera bubeezi ba njawulo ku bannaffe, naye tulaba amatendekero g'eby'eddiini gano, n'abasomerera eby'eddiini leero, ababuulira nga bagoberera ebiragiro by'abantu, mu kifo ky'okugoberera ebiragiro bya Katonda. N'olwekyo, Mukama, abantu abo tetubanyooma nga bo, wabula tunyooma ebintu ebyo bye bayigiriza. N'olwekyo, Mukama, tusaba nti bafuuke baganda baffe. Tukusaba Obasonyiwe obukyamu bwabwe. Era tusaba bakomewo eri Ebyawandiikibwa, babisome, nga tebabisoma nga ettendekero erimu ery'eby'eddiini bwe libiyigiriza, wabula nga babisoma nga Katonda bwe yabiwandiika.

459 Tusaba, ayi Katonda, kaakano, nti abantu bano abagenda okubatizibwa mu mazzi, nga omusumba waffe omuzira bw'ajja wano ku kituuti, okubuulira Enjiri, Enjiri eno y'emu, n'oluvannyuma ayingire mu kidiba eky'okubatirizaamu, okuziika, kikkirize, ayi Mukama, nti buli omu ku bano afune Omwoyo Omutukuvu, kubanga Ggwe wawa ekisuubizo nti, "Munaawebwa Omwoyo Omutukuvu." Nsaba Omwoyo wa Katonda abeere nga alindiridde ku ngulu ku mazzi, okwaniriza abo abagenda okubatizibwa akawungeezi kano, kubanga tubawaayo mu mikono Gyo, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

57-0922E Abaebbulaniya, Essuula Ey'Omusanvu #2
Branham Tabernacle
Jeffersonville, IN Amerika

LUGANDA

©2024 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org

## Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org